# *KATONDA OMUGAGGA MU KUSAASIRA*

Muyinza okutuula. Mbadde. . .mpuniikiridde, bwe nnyingidde ne ndaba Ow'oluganda Moore n'abalala bonna abali wano ku kituuti, mikwano gyange be mmanyidde emyaka emingi ennyo. Mazima ddala mukisa gwennyini okubalaba wano akawungeezi kano. Muli mpulira nga ntoowazibwa nnyo nnyini okuyimirira wano ne njogera nga waliwo abasajja nga bano abaasomerera eby'eddiini emabega wange, era ob'olyawo banampabula bwe nnaaba mpabye. Ka nsuubire.

2 Tuli basanyufu nnyo akawungeezi kano okuba n'omuntu omu wano, Mwannyinaffe Rose. Twabadde tujja. . .Nnabadde n'Ow'oluganda Shores n'omumyuka we, olwa leero, nga tugenda okulya eky'emisana. Era bwe twabadde tugenda, Ow'oluganda Williams yatugambye nti Mwannyinaffe Rose mulwadde nnyo. Ne tugendayo tumulabeko, ne tufukamira. Era yabadde n'omusujja mungi ddala, nga mulwadde ddala. Twayogeddeyo ebigambo ebitonotono eby'okusaba, Mukama n'ayogera naffe, n'agamba nti, "Agenda kuwonyezebwa." N'agamba nti, "Enkya akawungeezi ajja kubaayo," bwe yagambye. Era wuuno wano akawungeezi kano, atudde wano wennyini. Mazima ddala.

3 Mwannyinaffe Rose, yimirirako katono, basobole oku. . . Twebaza nnyo Mukama. Abadde ku ndiri. Yagambye nti, "Sse—ssetaani yangwira bugwizi. Najja wano ne mpulira nga nzenna nnyenjebuse," bwalinga bulwadde bwa ddookooli, n'ebirala bwe bityo. Naye Mukama amuwanguzza, era tuli basanyufu olw'ekyo. Nga twebaza Mukama waffe omwagalwa!

4 Kati tubadde n'ebiseera ebirungi ennyo ddala. Era kati, olunaku lw'enkya, tujja kuba tugenda ku—ku wooteeri ya Ramada. Kaakati ekyo temukyerabira, enkya tetujja kubeera wano, tujja kubeera ku wooteeri ya Ramada. Ate olukuŋŋaana lwo lutandike akawungeezi akaddako. Mulina okumpaayo olunaku olulala lumu, nga bwe mumanyi.

5 Kale akawungeezi ka jjo na—nnaluddewo nnyo ekisuse, nnali nneesuubiza, nti okuva ku lusooka omwaka, Obubaka obwo nja kubusala okuva ku kubeera obw'essaawa essatu oba ennya, oba ettaano, bubeerenga bwa ddakiika nga amakumi asatu oba ana. Era nga bwe nnabagambye akawungeezi ka jjo, mukyala wange ku Ssande yampaana, n'aŋŋamba nti, "Wakoze bulungi nnyo." Kale—kale n'olwekyo, weewaawo, ate oluvannyuma lw'ekyo nnabadde nnina okukomawo akawungeezi ka jjo nnyonoone kye

nnali nkoze, mukiraba. Naye nnakozesezza eddakiika ataano mu ttaano, mu kifo ky'asatu, akawungeezi ka jjo.

6 Akawungeezi ka leero, bwe tubadde tujja, Billy ambuuzizza nti, "Ogenda kwogera ku ki?"

7 Kko nze nti, "Kale, nninawo wano bye nnawandiise ebitonotono, n'Ebyawandiikibwa nga biibyo. Simanyi, ebimu ku byo, nnina Obubaka bwa mirundi nga ena oba etaano obw'enjawulo." Ne mmugamba nti, "Mpulira njagala ntuukeyo, ndabe ekigenda mu maaso."

8 Kko ye nti, "Wasuubizza okusabira abalwadde abo bonna."

Kko nze nti, "Yee, ssebo. Olina kaadi mmeka?"

Kko ye nti, "Ebikumi bibiri."

Ne mmugamba nti, "Nnina okuzitandikako, akawungeezi ka leero."

9 Kye yavudde aŋŋamba nti, "Kaakati jjukira nti, osigazizza eddakiika kkumi na ttaano zokka ez'okubuulira." N'agamba nti, "Endala ezisigadde wazikozesezza akawungeezi ka jjo." Kitegeeza kijja kutwetaagisa okwanguwako, si bwe kiri?

10 Kati, twabasuubizza, nti tujja kusabira abantu abo abalina kaadi z'ab'okusabirwa, era weewaawo, ekisuubizo ekyo ki—kitukakatako okukituukiriza. Bonna tetusobola kubaleeta kuyita mu nnyiriri zino, ate era ssisobola kubayitayo omu ku omu, okuva mu kibiina. Omwoyo Omutukuvu ne bw'aba nga ansobozesezza okukikola, si—siyinza n'akatono kukigumira. Kimmennya nnyo. Era, naye ebintu ebyo fenna tubimanyi. Tukimanyi nti Katonda akyali Katonda. Ekyo si ky'ekiwonya. Wabula ekyo kizimba buzimbi kukkiriza, okutuleetera okukitegeera nti—nti tuli mu Kubeerawo Kwe.

11 Era akawungeezi ka leero, tugenda, kusabira abalwadde abo bonna, buli omu ku bo abalina kkaadi ezo ez'ab'okusabirwa, ab'okusabirwa. N'enkya akawungeezi, bwe tunaaba tugenze ku Ramada, tujja kugezaako okugabayo kkaadi endala tutandike okubasabira nga tuli eyo, kubanga nkyalinayo akawungeezi k'enkya. Era ndowooza nninayo n'akawungeezi kamu ku nnaku z'olukuŋŋaana, ob'olyawo n'eky'enkya. Kisinziira ku ngeri ebintu gye bitambulamu.

12 Waliwo, omu ku boogezi atannatuuka; sirowooza, nga y'atuuse. Ow'oluganda Humburg, ly'erinnya lye oba . . . [Waliwo ow'oluganda agamba nti "Amburgy." Omuk.] Amburgy, Amburgy, Kash Amburgy. Kati si—siryatula nga bwe lirina kuba, eryo linnya lya Lugirimaani. Olwo ndo—ndowooza Lugirimaani. Kale kyandineetaagisa okumubeererawo, nga bwe tukiyita, munsaasire okukozesa enjogera eyo, ku lulwe.

13 Kale, naye tubadde n'ekiseera ekirungi ennyo ddala mu Mukama waffe. Eri mmwe mwenna, bwe wabaaawo abagenyi akawungeezi kano, mazima ddala tusanyuse okubeera nammwe,

era tukkiriza nti Mukama anaabawa omukisa. Nsaba waleme kubaawo muntu yenna mulwadde mu kizimbe we tunaafulumira akawungeezi ka leero, nga nsaba nti Mukama waffe anakka wansi mu maanyi Ge ag'ekitalo n'awonya abo bonna abalwadde n'abanyigirizibwa.

14 Mu biseera ebyayita, nnateranga okutuula n'omuntu ne tubaako bye twogera nze naye fekka, ku zimu ku nsonga ezaabanga enzibu bwe twabanga tulemeddwa okulaba obuwanguzi. Naye ekyo kyayitimuka mangu nnyo, ne kituuka okuba nti, Mukama yeeyongera okukiwa omukisa, okutuusa lwe twatuuka ekiseera nga tubeera n'abantu nga ebikumi bisatu oba bina abalindiridde, ate abantu ne bayisibwa bubi olw'okuba baalindanga. Ob'olyawo, mu kiseera ekyo, walina okulinda ob'olyawo okumala omwaka nga gumu oba ebiri, okusobola okufuna akaagaanya okuyingira munda okubeera n'ekiseera ekyo, mukiraba, oba okufuna akadde nga enkuŋŋaana zigenda mu maaso, okusobola okusisinkana abantu abo. Era twatuulanga ne tulindirira Mukama okutuusa lwe Yatubuuliranga ensonga yennyini evaako kazaalabulwa.

15 Nkakasa nga akawungeezi kano waliwo abantu abatudde wano abaali babaddeko mu nsisinkano ezo ez'enjawulo. Weebali? Leka tubalabe nga muyimusa ku mikono gyammwe. Abaali babaddeko mu nsisinkano ezo ez'enjawulo. Weewaawo, weebali batudde, kale, era bakimanyi nti ekyo kituufu. Twalindiriranga okulaba kiki Mukama ky'anaagamba, kiki obuzibu obwo. . . Naye kaakati ekyo nnalina okukiyimiriza ebbanga eriyise. Nnagamba Billy nti tetujja kuddamu kusisinkana bantu mu nsisinkano ezo ez'enjawulo.

16 Mulaba, nna—nna—nnaakasussa emyaka abiri mu etaano, omulundi ogw'okubiri, jjuuzi, era kati njolekedde okugisussa omulundi ogw'okusatu. Kale bw'ogenda weeyongera okukula, eky'amazima, tobeera, obeera. . . mu ngeri emu oba endala obeera tokyasobola kukola nga bwe wakolanga. Amaanyi gakendeera. Kati—kati, weewaawo, Ow'oluganda Moore ye tannatuuka mu mbeera eyo. Ya. . . Ndowooza tuli awo mu myaka gye gimu.

17 Naye wayiseewo ekiseera kinene ddala kasookedde nze naawe, n'Ow'oluganda Brown tujja wano omulundi ogwasooka, n'Ow'oluganda Outlaw n'Ow'oluganda Garcia, n'Ow'oluganda Fuller. Simanyi oba nga abasajja abo weebali wano akawungeezi kano? Ow'oluganda Garcia, Ow'oluganda Fuller, Ow'oluganda Outlaw, weebali? Muyimuse ku mikono gyammwe bwe muba weemuli. Weewaawo, Ow'oluganda Fuller wuuyo waali, nzikiriza ye ye, bwe mba siwubiddwa. Ow'oluganda Outlaw wuuno wano. Ow'oluganda Garcia, ndo—ndowooza mu Phoenix yavaayo. Ndowooza bwe kiri. Mu Phoenix ya—yavaayo, era kati ali mu California. Kale, mazima ddala byali biseera bikulu nnyo era nkyakkiriza Obubaka bwe bumu bwe nnalina mu

kiseera ekyo obugamba nti, “Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n’emirembe gyonna.” Ndowooza kati waakayitawo. . . Kati, Becky yali muwere. Egyo giringa emyaka nga kkumi na mwenda.

18 Naye kati muwala mukulu, ddala, omunene, atudde awo, wa myaka kkumi na mwenda. Becky, oli ludda wa? Mbakakasa, ekyo ajja kukinvunaana okukimukola. Nzijukira bwe nnamusitulanga. Nkakasa akawungeezi kano mba wa kukaluubirirwa okukikola.

19 Nzijukira lumu bwe twali mu kkanisa y’Ow’oluganda Garcia, yali kaana kato nnyo. Ne ŋŋamba nti, “Akawungeezi ka leero tulina olukuŋŋaana olw’ensi yonna.” Ne ŋŋamba nti, “Ŋŋenda kubuulira eri Basipaniya.” Ne ŋŋamba nti, “Mukyala wange ono wano Mugirimaani.” Ate nze, “Nze ndi mw’Ayiriisi.” Ne ŋŋamba nti, “Ate muwala wange omuto Muyindi nnansangwa,” era nnali ntegeeza Becky.

20 Kati bwe nnafuluma wabweru mu mulyango ogw’emabega, waaliyo omuwala Omumekisiko, n’ampita n’aŋŋamba nti, “Ow’oluganda Branham!”

Kko nze nti, “Wangi, mukwano, oyagala ki?”

N’ambuuza nti, “Omwana wo tolowooza nga mweru nnyo, okubeera Omuyindi nnansangwa?” Muwala wa katakketakke, nga bwe mmumanyi.

Kye nnava mmugamba nti, “Muyindi nnansangwa mu nneeyisa ye.”

21 Kati, tuli basanyufu, okubeera wano nate, akawungeezi kano. Kaakano nga tetunnayingira mu Kigambo, leka tugende gy’Ali, kubanga Ye Kigambo. Ekigambo bwe kirabisibwa, oyo abeera Ye mu ggwe.

22 Nga bwe twabadde twogera akawungeezi ka jjo ku *Nsigo Ekontana N’ey’Amazima*, ekyo mwakisiimye, Mukama yabawadde omukisa? Weewaawo na—nange nnaweereddwa omukisa nga mbatusaako Obubaka obwo. Era twalabye ensigo kye ziri.

23 Kati akawungeezi kano waliwo ekyetaago eky’okusabira eky’enjawulo, ekintu kyonna eky’enjawulo? Ob’olyawo waliwo abamu ku mmwe abagenda okubeera mu lunyiriri luno olw’ab’okusabirwa, nga ogamba nti, “Ayi Katonda, nsaasira. Bwe nnajja okusabirwa, leka okukkiriza kwange kusituke kutuukane n’embeera ezeetaagisa.” Era—era ob’olyawo waliwo alina omwagalwa we, nga mulwadde, n’ebirala. Osobola okuyimusa omukono gwo Katonda asobole okutunula wansi agambe. . .Kati ekyo bwe. . .Ekyo temumanyi bwe kindeetera kuwulira okutunula eyo. Mulabe obwetaavu obuli munda wano! Ab’oluganda abaweereza, mutunule mulabe. Mukiraba?

Kaakati, nze bwe kiba kindeetera okuwulira bwe ntyo, olwo ate Kitaffe kimukola kitya? Mazima ddala.

Kaakano leka tusabe.

24 Ayi Yesu Omwagalwa, kaakano tujja eri Entebe enkulu ey'okusaasira, okuyita mu Linnya lino eririmu byonna. "Kubanga tewali Linnya ddala eryaweebwa abantu mwe tuteekwa okulokolebwa, okuggyako Erinnya lya Mukama waffe Yesu lino lyokka." Era tujja mu Linnya Lye. Era tukusaba, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, Otukkirize, akawungeezi kano, nga abaana Bo abakkiriza. Era osonyiwe obutakkiriza bwaffe, ayi Mukama. Busaasire akawungeezi kano, tusobole okukkiririza ddala buli Kigambo kya Katonda akawungeezi kano, ku lw'ebintu byonna bye twetaaga.

25 Omanyi ekiri wansi w'emikono gino egiyimusiddwa; waliwo endwadde, abamu ku bo ob'olyawo bizibu bya maka, abamu mitawaana gya ssente, abamu ku bo bakooye, abamu ku bo ob'olyawo baddirira, abalala boonoonyi. Kyonna kyonna ekyetaago ekyo kye kiri, Ggwe osingira ddala buli mulabe yenna. Na bwe kityo tusaba, ayi Mukama, nti—nti akawungeezi kano, tusobole okukitegeera nti abalabe baffe, bonna, baawangulwa, n'okufa kwennyini. Era nti tuli bawanguzi n'okukirawo mu Ye Oyo—Oyo eyatwagala ne Yeewaayo ku lwaffe, atunaazizza mu Musaayi Gwe.

26 Tusaba, ayi Mukama, nti obutakkiriza bwonna, n'okubuusabuusa kwonna, n'okutabulwatabulwa kwonna, n'ebyo byonna ebitali bya Katonda, bitwamuke akawungeezi kano, Omwoyo Omutukuvu abeere nga y'akola mu mitima gyaffe. Leka Ayogere gye tuli mu ngeri ezeewuunyisa. Leka Ayogere gye tuli mu Maanyi Ge. Leka Azuukize abo a—ababadde baafa mu mwoyo, akomyewo obulamu obulungi eri abalwadde n'abanyigirizibwa, ayimuse amaviivi agajugumira, n'emikono egyakoowa ne gissibwa wansi. Era leka wabeewo ekiseera eky'okusanyuka.

27 Leka kitandike akawungeezi kano, ayi Mukama, tuve mu kifo kino tugende mu wooteeri ya Ramada Inn, tutandike olumu ku nkuŋŋaana ez'amaanyi ezaali zibadde mu kibuga kino. Ayi Mukama, nga tukuŋŋaanye wamu okusaba! Wagamba nti, "Abantu abaatuumibwa Erinnya Lyange, bwe banaakuŋŋaana awamu ne basaba, nange nnaawulira nga nsinziira mu Ggulu." Ayi Katonda, kino tusaba kibeere bwe kityo, akawungeezi kano.

28 Kaakano, ayi Kitaffe, nga bwe tusoma Ekigambo, tewali ayinza kukivvuunula okuggyako Ggwe, Ye Ggwe wevvuunulira Ebibyo, era tukusaba Otuvvuunulire bye tusoma akawungeezi kano. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

29 Kati ssinga, bangi ku mmwe mwagala nnyo okuwandiika wansi Ebyawandiikibwa omuweereza by'asoma, era kati

njagala, akawungeezi kano, bwe muba musobola, mubikkule mu Abaefeso.

30 Kati Ssande ewedde nnali njogera ku Abaefeso, nga ŋŋamba nti Ekitabo kya Yoswa ky'ekitabo ky'Abaefeso eky'Endagaano Enkadde, era nti Kitabo eky'obununuzi.

31 Era obununuzi bulina ebitundu bibiri eby'enjawulo: "okubaako ky'ofulumamu" ne "okubaako ky'oyingiramu." Ekisooka, olina okufulumayo. Abantu abamu baagala bajje n'ensi bayingire nayo; naye olina okufuluma ensi, okusobola okuyingira mu Kristo. Olina okufuluma obutakkiriza, okuyingira mu kukkiriza. Tewalina kubaawo kintu kyonna kyekiise mu kkubo lyo. Okubeera n'okukkiriza okwa nnamaddala, oteekwa okulekera ddala buli kintu kyonna ekikontana n'Ekigambo kya Katonda, n'okireka emabega, okuyingira mu kukkiriza.

32 Era ekyo Ekitabo ky'Abaefeso eky'Endagaano Enkadde kye kyali, Yoswa. Nga, Musa yali akiikirira mateeka, agaali tegasobola kulokola muntu yenna; naye ekisa kyali kisobola, era wano *Yoswa* kye kigambo kye kimu nga Yesu, "Yakuwa-omulokozi."

33 Era kati okuva awo, tukiraba nti tutuuse ku Abaefeso abalala, Efeeso endala kati. Kaakano, nga, ebibiina byaffe eby'amadiini ebitambulira ku magezi ag'obwongo, n'ebirala, n'enteekateeka zaffe zonna ez'obuyigirize we bituuse ku—ku Yoludaani yaabyo, kati tuteekwa okuba ne—n'Abaefeso nate. Tuteekwa okuba n'okuva, okusobola "okufuluma" n'okusobola "okuyingira munda" okugenda mu Kukwakkulibwa.

34 Kati akawungeezi kano tugenda kusoma okuva mu ssuula ey'o 2 ey'Abaefeso. Ebyo mbadde mbyogera musobole okutuuka we—we tugenda okusoma, manya musobole okubikkula essuula gye tugenda okusoma.

> Mmwe, *era nammwe yabazuukiza, bwe mwali nga mufiiridde mu byonoono* n'ekibi:
>
> *Bye mwatambulirangamu edda nga emirembe gy'ensi eno bwe giri, okugobereranga omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogukolera kaakano mu baana* abajeemu:
>
> *Era naffe ffenna bwe twatambulirangamu edda mu kwegomba kw'omubiri gwaffe, nga tukolanga okuyaayaana kw'omubiri n'ebirowoozo; ne tubeeranga olw'obuzaaliranwa abaana ab'obusungu, nga n'abalala.*
>
> *Naye Katonda, kubanga ye mugagga w'ekisa, olw'okwagala kwe okungi kwe yatwagala ffe,*
>
> *Era bwe twali nga tufiiridde mu* kibi, Yatufuula *abalamu awamu* Naye, manya, *yatufuula abalamu awamu ne Kristo, (mwalokoka lwa kisa;)*

35 Njagala mbeeko ebigambo ebitonotono bye nzija awo, manya ekitundu ku lunyiriri olwo olugamba nti, “naye Katonda,” *Katonda Omugagga Mu Kusaasira*.

36 Njagala mwetegereze nnabbi by’ayogera wano, manyanga, omutume, Pawulo, oyo—oyo, engeri kino gye yakyogeramu, bwe yagamba nti, “Era nammwe Yabazuukiza, abaali baafa. Era nammwe Yabazuukiza, mmwe abaali baafa, nga mwafiira mu kibi n’ebyonoono; nga mutambula okugoberera ebintu by’ensi, n’okwegomba kw’omubiri, era nga mutuukiriza ebirowoozo bye byegomba. A. . . ”

37 Kiki, ekyaleetawo enkyukakyuka eno, mukiraba? Kiki ekyakireeta, “okuva mu kubeera lumu abafu,” naye ne tuzuukizibwa? *Okuzuukizibwa* kitegeeza “okufuulibwa abalamu.” Waaliwo enkyukakyuka, okuva mu kufa okudda mu Bulamu. Tewali kirala, tewali kintu kirala kyonna kiyinza kutuuka ku muntu yenna, kikulu nnyo, nga kukyusa muntu oyo okumuggya mu kufa okumuzza mu Bulamu. Omuntu, singa abeera afa, mu mubiri, naye n’awonyezebwa mu mubiri, ekyo kibeera kintu kya maanyi nnyo, naye tewali kikulu nnyo nga muntu oyo kubeera nga yafa mu mwoyo naye Katonda n’amuzuukiza eri Obulamu.

38 “Mmwe lumu, abaali abafu, mu biseera ebyayita.” Mwali bafu. Era bangi wano akawungeezi kano, osobola okutunula emabega era okimanyi nti, lumu, wali mufu. Naye kati lwaki toli mufu akawungeezi kano, nga bwe wali mu kiseera kiri? Olina kubeera bw’otyo, kubanga wali mwonoonyi, “naye Katonda omugagga mu kusaasira.” Ekyo kye—ekyo ky’ekyabaawo, “Katonda Eyali omugagga.” Ebintu bino byonna bye twali, “naye Katonda”! Ekyo kyennyini ky’ekyakola enkyukakyuka awo nti, “Katonda Oyo omugagga mu kusaasira”!

39 O, ndi musanyufu nnyo olw’ekyo, Ye okubeera nti mugagga mu kusaasira. Singa Yali mugagga bugagga mu ssente, singa Yali mugagga bugagga mu bintu, weewaawo nga ky’Ali, naye ekintu ekisinga obukulu kwe kubeera omugagga mu kusaasira. O, nga kigambo kya kitalo, okuba nti lumu twali bafu.

40 Era luli twali twogera ku ngeri ensigo gy’eteekwa okufa. Na buli kintu kyonna ekyetoolodde akaweke ako ak’obulamu tekiteekwa kufa bufi kyokka, wabula n’okuvunda. Bwe kitavunda, tekisobola kuba kiramu. Era *okuvunda* ky’ekintu, “okuggweerawo ddala; nga ebyakyo bikomye.” Era okutuusa lwe tutuuka mu mbeera nga endowooza zaffe n’ebirowoozo byaffe biggwereddewo ddala era nga bivundidde ddala ne bitukongokako, awo akaweke ak’obulamu lwe kasobola okutandika okuba akalamu.

41 Kaakati—kaakati tuyinza, nnyinza okubaako engeri y’enjigiriza gye nnyingizaamu wano, gye si. . .Bw’oba togikkiriza, tewali buzibu. Ekyo tekirina buzibu. Nze ngikkiriza.

Nzikiriza nti—nti omuntu, bw'azaalibwa mu nsi eno, nti bwe wali okyali muwere, nga waakazaalibwa mu nsi, wali toyinza kubeera wano awatali kumanyirawo kwa Katonda okw'ebintu nga tebinnabaawo, kubanga Ye taliiko kkomo era Amanyi ebintu byonna. Era omwana oyo omuwere bw'azaalibwa mu nsi, mu mwana oyo mubaamu ekintu. Bw'aba wa kuba na Bulamu, wabaawo ekintu ekiba mu mwana oyo omuwere, mu mwana oyo mu kaseera ako, ky'atuuka n'asisinkana, amangu ddala oba oluvannyuma lw'ekiseera. Akasigo ako kamubaamu. Kati singa otwala . . . Ekyo Ebyawandiikibwa bikirambika bulungi.

42 Kati bw'oba olina Obulamu Obutaggwaawo akawungeezi kano, bwe tuba tulina Obulamu Obutaggwaawo, kitegeeza ebbanga lyonna tubaddengawo, kubanga waliwo Obulamu Obutaggwaawo bwa ngeri emu yokka. Tubaddengawo. Era ensonga lwaki tubaddengawo, eri nti tuli kitundu ku Katonda. Ate Katonda ye kintu kyokka Ekitaggwaawo.

43 Era nga Merukizeddeeki bwe yafuna ekimu eky'ekkumi okuva eri Ibulayimu, ne kibalirwa ne ku muzzukulu we nnakabirye, Leevi, eyali akyali mu ntumbwe za Ibulayimu; n'asasula ekimu eky'ekkumi, kubanga yali akyali mu ntumbwe za Ibulayimu bwe yasisinkana Merukizeddeeki. Ekyo njagala nkyogereko bwe tunaagenda mu kifo kiri eri, ku makya agamu. *Merukizeddeeki Ono y'Ani?* Kaakati mulabeeyo ekyo. Edda eri, Katonda yali yakimanya nti omuvubuka ono alijja. Yali amanyi ebintu byonna.

44 Kati tuli kitundu ku Katonda. Ekyo lubeerera kye wali. Tokijjukira, kubanga wali kirowoozo bulowoozo mu Katonda. Wali bubeezi mu ndowooza Ye. Erinnya lyo lyennyini, bwe liba lyali libadde mu Kitabo ky'Obulamu, lyateekebwamu nga n'ensi tennatondebwa. Yamanya kye wali.

45 Kino sikyogera, kutabulatabula njigiriza, wabula kugirambulula, tusobole okuva mu kutya kuno n'okukankana. Okuba nti tomanyi ky'oli. Tekiri nti mugenda kubeera, wabula we twogerera kaakano muli baana ba Katonda. Mukiraba, lubeerera mubaddenga baana ba Katonda. Mukiraba?

46 Kubanga Katonda bwe yakulina mu ndowooza Ye ku lubereberye, alina okuba nga yali akulina, ekitundu ku ggwe, Obulamu bwo kaakano obukulimu, bwalina okuba nga bw'ali ne Katonda nga tebunnakujjamu. Kale, Ye bwe, ne bwe Yali tannafuuka akwatikako wano ku nsi, nga tewannabaawo kintu kyonna, wabula Katonda, wali kimu ku birowoozo Bye. Yali amanyi erinnya lyo kye liriba. Yali amanyi langi y'enviiri z'oliba nazo. Yali amanyi byonna ebikukwatako. Ekintu kyokka ekyabaawo kwe kuba nti ggwe, kubanga wali mwonoonyi . . .

47 Bangi ku mmwe musobola—musobola okukkiriziganya nange ku ndowooza eno. Bwe wali okyali mulenzi muto, oba muwala muto, watambulatambulanga era waaliwo ebintu

ebimu ebyakutawaanyanga, naye nga abaana abalala biringa ebitabatawaanya, kyalabika nga awaaliwo ekintu mu ggwe ekirina kye kiyaayaanira. Waaliwo Katonda awantu awamu, wadde wali okyali mwonoonyi. Ekyo mukijjukira? Mazima ddala. Kaakati ekyo kyali kiki? Eyo yali nkula eri entono ey'Obulamu mu ggwe mu kiseera ekyo.

48 Era oluvannyuma bwe waayitawo ekiseera, wawulira Enjiri. Ob'olyawo wagenda ku kkanisa, n'ofunayo *kino* na *kiri,* n'ova mu kibiina ky'eddiini ekimu n'odda mu kibiina ky'eddiini ekirala. Naye lumu, kubanga oli kitundu ku Katonda, walina okuba ekitundu ku Kigambo. Era bwe wawulira Ekigambo, wategeera gye wava, wategeera Amazima ge galiwa. Ekyo kye wali ebbanga lyonna, ensigo yakulimu. Ekigambo kyalaba Ekigambo ekyakulimu, ekyaliwo nga ensi tennatondebwa, kyalaba Ekigambo era n'ojja gye Kiri.

49 Nga emboozi yange gye nnyumya ekwata ku kawungu, engeri akawungu ako gye kaayalulwa enkoko. Era ka bambi kaatambulanga n'enkoko, ne, enkoko n'ekokkolya, naye nga bw'ekokkolya tekategeera by'etegeeza. Ne—n'obukoko obuto, ebintu bye bwalyanga mu kiyumba, nga—nga tekabitegeera, bujja butya okulya ebintu bwe bityo. Naye mu ko mwalimu ekintu, ekyalabika okuba eky'enjawulo ku ekyo enkoko ezo kye zaali, kubanga okuviira ddala ku lubereberye kaali mpungu. Bwe kiri. Lumu maama waako yajja nga akanoonya, era, bwe kaawulira okukaaba kw'empungu okwo, kwali kwa njawulo ku kukokkolya kw'enkoko.

50 Era bwe kityo bwe kiri eri buli mukkiriza eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Osobola okuwuliriza enjigiriza z'ekinnaddiini zonna z'oyagala, n'ebyo byonna ebyagunjibwa abantu; naye Ekigambo ekyo bwe kirabisibwa n'omala okiraba, wabaawo ekintu ekisimba emmizi, ojja gye Kiri. "Mmwe lumu abaali baafiira mu kibi (obulamu obwo) Yabazuukiza." Okusooka, munda omwo mulina okubaamu Obulamu obulina okuzuukizibwa. Katonda, olw'okumanyirawo Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo, yamanya ebintu byonna. Era twayawulirwa okubeera abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. "Mmwe lumu abaali baafiira mu kibi n'okwonoona, fenna bye twatambulirangamu edda, naye Yatuzuukiza."

51 Laba Pawulo, Pawulo eyali yakuguka mu by'eddiini. Naye bwe yasisinkana Ekigambo ekyo maaso ku maaso, Yesu, kyamuzuukiza. Yaddirawo eri Obulamu, kubanga kyali kyamwawulirwa okubeera ekyo. E . . . Yali kitundu ku Kigambo; era Ekigambo bwe kyalaba Ekigambo, bwe bwali obutonde bwe. Okukokkolya kw'enkoko kwonna, mu makanisa g'enzikiriza eŋŋuundiivu, tekulina kye kwamukola yadde; yali alabye Ekigambo. Kyali kitundu ku ye. Yali mpungu. Teyali nkoko; yali ebeera bubeezi mu kiyumba wamu nazo. Naye yali mpungu, okusooka kwa byonna.

52 Nnina akagero ke nnawulira akeefaananyiriza ako, ka nsuubire nti tekaawulikike nga akavvoola, kakwata ku kabaata akaayalulwa enkoko, lumu. Nga bambi tekabitegeera. Kaali awo nga konna kalabika bulala, okwawukana ku zinnewaako, nga eby'enfuufu n'ebirala bwe bityo tekabitegeera. Zaabanga zizannyira mu kiyumba ky'enkoko. Naye lumu obukoko bwonna maama nkoko yabukulemberamu ne bagenda emabega w'ekyagi, ne kawunyiriza amazzi. Ne kafubutuka emisinde, okwolekera amazzi ago gye gaali. Lwaki? Kaali tekabeerangako ku kidiba. Kaali tekabeerangako mu mazzi. Naye obutonde bwako, kaali kabaata. Ekintu kyokka kye kaalina okukola kwe kutegeera kye kali.

53 Ekyo kye kintu kye kimu omukkiriza ky'ali. Mu ye alina ekintu ekimulimu, ne kiba nti, bw'asisinkana Katonda maaso ku maaso, yeetegeera ky'ali. Ensigo eyo emulimu, era ezuukizibwa. Bannange, ekyo ddala bwe kiri, era abuuka ne yeeyawula ku bintu by'ensi. Bifuuka bifu gy'ali. Bannange, nzijukira, ffenna tulina obulamu bwe twatambulirangamu, edda, mu bintu ebyo eby'ensi. Naye kasita twakwata ku Kintu ekyo ekya nnamaddala, ekintu ekyatuzuukiza, akasigo kali ne kafuna Obulamu, ebintu by'ensi byonna awo we byavundira. Tetwaddamu kubiyaayaanira.

54 "Oyo eyazaalibwa Katonda, tayonoona. Omusinza bw'alongoosebwa abeera takyamanyi kibi, abeera takyayaayaanira kwonoona nate." Ensonga y'ekibi eba ekomye. Ofuuka kitundu ku Katonda, mu Kristo. Kristo yafa akununule.

55 Kaakati lowooza ku ebyo byonna bye twandibadde singa teyali Katonda. Naye Katonda, mu bugagga Bwe obw'okusaasira, akawungeezi kano yatununula! Twandibadde wa akawungeezi ka leero singa tekwali kusaasira kwa Katonda okungi gye tuli?

56 Waliwo ekiseera ensi lwe yali ennyonoonyi ennyo, omuntu bwe yaleeta okwonooneka ku nsi okutuusa nti kwanakuwaza Katonda ne yejjusa lwaki Yakola omuntu. Omutwe gwonna gwali guvunze guweddewo, omubiri gwonna, okutuusa nti Katonda yanakuwala ne yejjusa lwaki Yakola omuntu. Bw'atyo n'Agamba nti, "Ndizikiriza omuntu gwe nnatonda." Alibazikiriza kubanga tebakyalina makulu wabula buvundu bwereere.

57 Era oluse lw'abantu lwonna lwali lwa kusaanyizibwawo mu kiseera ekyo, naye Katonda, omugagga mu kusaasira, yali tayinza kuganya abo abataalina musango kuzikirira awamu n'abo abaalina omusango. Era Yagenda n'ateekawo ekkubo eri abo abaali baagala okuyingira, abaali baagala okukola ekyo ekituufu. Ye, yateekawo ekkubo ery'okusaasira eri abo abaali baagala okusaasirwa, n'Ategeka ekyombo. Mu ngeri endala, empungu Ze Yaziteekako ebiwaawaatiro, zisobole okubuuka

zibeere waggulu w'omusango, zireme kubbira wamu na nkoko. Naye Ya—Yassaawo ekkubo ery'obuddukiro, mu nnaku za Nuuwa. Kino kyamuwaliriza okukola ekyo, okulissaawo kubanga Yali mugagga mu kusaasira.

58 Naye oluvannyuma bwe Yamala okuteerawo abantu ekkubo ate baligaana, kati, ensonga lwaki baligaana eri nti mu bo tebaliimu kirikkiriza. Tebaliimu kirikkiriza. Mmange yagambanga nti, "Tosobola kukamula musaayi kuva mu kiyuuniyuuni, kubanga ekiyuuniyuuni tekibaamu musaayi." N'olwekyo munda omwo bwe mutabaamu nkula ya Bulamu busobola kusembeza Bulamu obwo, buba tebusobola kukkirizibwa.

59 Eyo y'ensonga lwaki Abafalisaayo baasobola okutunula Yesu mu mmunye, ne bamuyita, "Beruzebuli," kubanga tebaalimu kintu kyonna mu bo kiyinza kumukkiriza. "Naye abo bonna Kitange be yampa," Yagamba nti, "bajja kujja Gyendi." Waliwo—waliwo engeri gye kinaayanjulibwamu.

60 Ebiseera ebimu osobola okwogera n'abantu ku nguudo, nga oyogera nabo ku bikwata ku Mukama waffe, naye ne bakusekerera busekerezi. Naye, era, tulina okukikola. Naye muwulirize, "Tewali muntu yenna ayinza kujja Gyendi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka." Katonda y'alina okukola ogw'okuwalula. Walina okubaawo Obulamu. "Era abo bonna be Yampa, bajja kujja Gyendi."

61 Yassaawo obugabirizi eri abo abaagala okununulibwa. Yassaawo obugabirizi eri abo abaagala okuwonyezebwa. Era kubanga kino Yakikola, kimufuula omugagga mu kusaasira, kubanga bulijjo Abaddenga mugagga mu kusaasira. Kiteekwa buteekwa okuba nti, Kino bw'okigaana, waba tewakyasigadde kirala kyonna okuggyako Omusango, kubanga ekibi kiteekwa okusalirwa omusango.

62 Falaawo, bwe yayingira mu—mu nnyanja, nga omugeegeenya, nga alaba nti naye asobola okugiyingira nga Musa bwe yakola. Musa yali n'eggye lye, ne Falaawo nga ali n'eggye lye, kyalabika nga, bombi abaalina okuzikiririra mu nnyanja. Naye Katonda, omugagga mu kusaasira, yassaawo ekkubo ery'obuddukiro eri abaana Abaebbulaniya, (lwaki?) kubanga baali mu buvunaanyizibwa bwabwe, baali bagoberera mu Kigambo.

63 Kaakati eyo y'engeri yokka ey'okufunamu okusaasirwa, kwe kugoberera ebiragiro Katonda by'aba atuwadde okugoberera. Eyo y'engeri yokka gy'Asobola okulagamu okusaasira, bwe tugoberera ebyo by'aba Atugambye tukole.

64 Nga mu kukubaganya ebirowoozo kwe nnalina ebbanga si ddene eriyise, n'omuweereza eyaŋŋamba nti njigiriza Enjigiriza y'abatume mu mulembe guno. Ndowooza nnakyogerako ekiro nga kimu oba bibiri ebiyise, oba emabega awo, nga bwe

yaŋŋamba nti, “Ogezaako okuwagika, mu mulembe guno, Enjigiriza y’abatume.” N’agamba nti, “Omulembe gw’abatume gwakoma, abatume bwe baavaawo.”

Ne mmubuuza nti, “Naye, Ekigambo okikkiriza?”

N’agamba nti, “Wewaawo.”

65 Ne mmugamba nti, “Okubikkulirwa 22:18 wagamba nti, ‘Oyo yenna alitoolako wadde Ekigambo ekimu bwe kiti okuva mu Kino, oba alikigattako ekigambo kyonna,’ si na bigambo bibiri; wabula Ekigambo kimu bwe kiti, alikiggyamu Ekigambo kimu bwe kiti.”

N’agamba nti, “Ekyo nkikkiriza.”

66 Ne mmugamba nti, “Kaakati nze nsobola okukubuulira wa omulembe gw’ekitume we gwaweebwa, Emikisa gy’ekitume we gyaweebwa eri Ekkanisa; kati ggwe mbuulira wa Katonda we yagijjira ku Kkanisa, nga okozesa Ekigambo. Tosobola kukikola; tekiriimu.” Ne mmugamba nti, “Kaakati jjukira nti, Peetero, ku Lunaku lwa Pentekoote, ye—ye yali omwanjuzi w’omulembe gw’ekitume. Era bonna yabagamba nti, ‘Mwenenye, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw’okuggyibwako ebibi, munaafuna ekirabo eky’Omwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe, n’eri abaana bammwe, n’eri abo abali ewala, n’abo bonna Mukama Katonda waffe b’aliyita.’”

67 Kaakati ggwe bw’oyagala okubaako okukokkolya kw’enkoko y’ekibiina ky’eddiini kw’owuliriza, obeere eyo otambulire mu bintu by’ensi, ekyo kiba kiraga bulazi nti waliwo ekikyamu. Kubanga, Ekyo kye Kigambo. “Buli yenna ayagala, leka ajje.” Era bw’oba oyagala, osaanye ojje. Naye bw’oba toyagala, kitegeeza oli mu mbeera ya nnaku. Naye bw’oba oyagala okujja, jangu ogoberere enkola ya Katonda!

68 Era Talemererwangako kutuukiriza kye Yasuubiza. Nnali muto, era kati nkaddiye, naye ssimulabangako nga alemwa mu Kigambo Kye. Kubanga, Asobola okukola buli kimu kyonna okuggyako okulemererwa. Tasobola kulemererwa. Katonda tasobola. Tekisoboka Katonda okulemwa, ate n’asigala nga ye Katonda. Alina okukikola, ekyo alina okukikola.

69 Kati eggye lya Falaawo baagezaako okugeegeenya, kubanga baali tebaayitibwa era tebaalina Bulamu obwo. Munda mu. . .Ekisuubizo tekyaweebwa Falaawo. Ekisuubizo ky’ensi ensuubize tekyaweebwa ye.

70 Era omugeegeenya yenna, agezaako okugoberera omukkiriza omutuufu eyayitibwa okukola ekintu nga ekyo, akomekkereza akivumaganya buvumaganya. Ogwo gwe mutawaana oguli ku nkola yaffe ey’amadiini olwa leero, waliwo abantu bangi nnyo abagezaako okugeegeenya Omwoyo Omutukuvu, abantu bangi nnyo abagezaako okugeegeenya

okubatizibwa, abantu bangi nnyo abagezaako okugeegeenya omulembe gw'abatume. Kya bakkiriza, era bo bokka. Katonda omugagga mu kusaasira, ataddewo ekkubo, abaana be baleme okuzikirira. Abateereddewo ekkubo.

71 Kati, Falaawo mu kugezaako okuwondera, yabbira mu mazzi ge gamu agaalokola Musa n'ekibinja kye. Kati, Musa teyabbira, kubanga Katonda mugagga mu kusaasira eri abo abagoberera ekkubo Lye lye yassaawo. Amiina.

72 Mulaba kye ntegeeza? Nti, akawungeezi ka leero, abantu abatakkiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, abantu abatakkiririza mu kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, bayinza batya okubaako ekintu kyonna kye bafuna? Katonda mugagga mu kusaasira eri abo abanaamugoberera; si eri abo abanaagoberera ekigunje ky'enzikiriza, wabula eri abo abanaagoberera Katonda.

73 Katonda ye Kigambo, era Yayambala omubiri n'abeerako gye tuli, kati, Asobole okuleetera obusobozi bwa Katonda buli obulala okulabisibwa. Omubiri, Yesu, ye yali omubiri gwa Katonda, enkula yaagwo. Musa yamulabako kitundu kya mugongo, nga Ayitawo; tewaaliwo muntu yenna yali alabye ku maaso Ge. Naye kati twamulaba, tumulabye, tumulaba nga Ssaddaaka. Kaakati, mulabeeyo, Yali nkula ya Katonda, eyalabisibwa, Ekigambo. Ekyo kye Yali.

74 Era omukkiriza yenna bw'ajja eri Katonda, afuuka enkula ya Katonda ey'Ekigambo Kye, akozesebwa okwolesa Ekigambo ekyasuubizibwa eky'ekiseera ekyo. Mukiraba? Bwe kiri. Katonda, omugagga mu kusaasira, tatulekangawo nga tetulina bujulizi. Mugagga mu kusaasira.

75 Tukiraba nti Katonda yali wa kisa nnyo eri Musa bwe yali eri ku nnyanja enfu, manyanga, bwe yali ku Nnyanja Emmyufu. Era bwe Yayogera wano, mu Kuva 19:4, Yagamba nti, "Nnabasitulira ku biwaaawaatiro by'empungu, ne mbaleeta gye Ndi. Nnabasitulira ku biwaaawaatiro by'empungu, ne mbaleeta gye Ndi!" Waaliwo n'abasajja abalala, abaali mu buziba bw'ennyanja eyo, abaali bagezaako okugeegeenya. Naye yakola ki? "Yabasitulira ku biwaawaatiro by'empungu."

76 Kaakati Katonda bulijjo ageraageranya bannabbi Be n'empungu. Kati kyali kiki? Musa ye yali omubaka We. Era baali bagoberera Musa, era ebyo bye byali ebiwaawaatiro by'empungu kwe baasitulirwa, kubanga yalina obubaka bwa Katonda. Era obwo abantu bwe baagoberera. Mu kugoberera Musa n'obubaka Bwe obw'obununuzi baali bagoberera Katonda. Era Bayibuli egamba nti, "Ye, tebaazikirira wamu n'abo abatakkiriza." Kubanga, Katonda yali mugagga mu kusaasira gye bali, kubanga baali bagoberera biragiro Bye. Katonda ayagala tugoberere ebiragiro Bye.

77 Tusobola okwogera ekintu kye kimu ku Koola ne ku Dasani n'ekibinja kyabwe eky'abantu abatakkiriza, bwe baagezaako okugeegeenya. Baagezaako okubaako ne kye bawagika mu ntegeka ya Katonda. Baali tebaagala ntegeka ya muntu omu. Baali tebagyagala. Baalina okubaako ne kye bakolawo. Koola yagamba nti, "Naye, waliwo abasajja abalala bangi abatukuvu n'okusinga ggwe, Musa. Weeyisa nga gy'oli nti ye ggwe lubalama lwokka . . . manyanga, ye ggwe kayinja kokka akali ku lubalama." N'amugamba nti, "Nze—nze . . . ekyo tolina kukikola. Ate wano waliwo abasajja abalala bangi nnyo."

78 Naye Musa yali akimanyi nti ye yalina okusomosa abaana abo abatwale mu nsi ensuubize, kubanga ekisuubizo kyali kyaweebwa ye. Era ateekwa okubatwala mu nsi ensuubize.

79 Era, leero, Omwoyo Omutukuvu ali wano okukakasa Ekigambo kya Katonda, era ekyo ky'ekiwaawaatiro ky'empungu kye tulina okwebagala; si njigiriza ya ddiini eyagunjibwawo abantu. Naye tulina kwebagala biwaawaatiro bya mpungu, okugenda mu Nsi ensuubize.

80 Naye wano Koola yalowooza, mbu baali bagenda kubaako enkoko ze bafuna eyo, nga bwe mumanyi, ze ziba zijja, zigeegeenye kino, zigeegeenye empungu. Era bwe baakikola, Katonda n'agamba nti, "Mubeeyawuleko," n'Ayasamya ensi n'ebamira. Yandimize buli kimu kyonna, obutonde bwonna, naye Katonda yali mugagga mu kusaasira eri abo abagezaako okugoberera Ekigambo Kye. Bulijjo, Katonda mugagga mu kusaasira. Bangi ku bo baasala ne badda ku ludda lwa Musa, Katonda n'ayasamya ettaka ne limira atakkiriza. Oyo, a— atakkiriza, bulijjo ajja kuzikirira.

81 Abo abatakkiriza, newankubadde baavaayo ne batambulako okumala akaseera, naye, abo, Yesu yagamba nti, "Bonna, bonna, baafa." *Okufa* kitegeeza "kusaanirawo ddala." Baafa. Ggwe balowoozeeko. Baafulumayo, ne balaba ebyamagero bya Katonda, ne balaba omukono gwa Katonda ogw'ekitalo, ne bawoomerwa emmaanu; naye ate ne batuuka eri ne bawuliriza omusajja ayitibwa Balamu, eyakyamya enkola ya Katonda, okuyita mu njigiriza ye eyali ekontana n'Ekigambo ey'okugamba mbu, "Ffenna tuli baaluganda, kale leka ffenna twegatte wamu."

82 Eyo y'enkola ya Balamu endala egolokoka, olwa leero ey'okugamba mbu, "Leka ffenna twegatte wamu." Tekijja kukola. Leka tutambule n'Empungu, Yakuwa Empungu. Muli buwungu obuto.

83 Waaliwo basatu bokka abaalokolebwa okuva mu kibinja kyonna; Musa, Kalebu, ne Yoswa. Abasigadde bonna baazikiririra mu ddungu; bw'atyo Yesu bwe yagamba, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana essuula ey'o 6. Kubanga, Katonda, mu kusaasira, yali tayinza kubaleka kuzikirira wamu n'abalala abatakkiriza. Bonna baafiira awo wennyini mu ddungu, era

bafu. Katonda yalokola Musa n'abakkiriza empungu, kubanga Ekigambo Kye baakissaamu ekitiibwa.

84 Era olwa leero, mukwano gwange, engeri yokka gye tusobola okuba n'okuganja eri Katonda; olwa leero, Katonda mugagga mu kusaasira, naye tulina okussa ekitiibwa mu ekyo kye Yakyogerako. Tosobola kumala gatwala ekyo omuntu omulala kye yayogera. Olina kutwala ekyo Katonda kye yayogera. Yagamba nti, "Leka buli kigambo kya muntu bubeere obulimba, naye Ekyange gabeere amazima."

85 Olwa leero tugambibwa nti, "Ekintu kyokka ky'olina okukola," mu bifo bingi, "kwe kwegatta ku kkanisa, obeere n'ekigunje eky'enzikiriza ky'okkiriza, oba ekintu bwe kityo; oba saba essaala, oba teeka erinnya lyo mu kitabo, oba mansirwako amazzi oba batizibwa mu ngeri emu, oba ekintu bwe kityo. Ekyo kyokka ky'olina okukola." Naye ekyo kikyamu.

86 Okubeera empungu ya Katonda, olina okugoberera Ekigambo, buli lunaku. Olina okugenda mu maaso, nga olya ku Kigambo.

87 Kaakati tubalaba, oluvannyuma lw'omulundi guno, nga beemulugunya nate era, nga banafuye mu kukkiriza, oluvannyuma lwa Katonda okubalaga okusaasirwa. Era tubalaba nga beemulugunyiza Katonda, era, bwe baakikola, baafa olw'emisota okubabojja. Kati, kyali kibagwanira. Mazima ddala kyali kibagwanira. Omuntu yenna asobya Ekigambo kya Katonda n'akola ebintu bino bye baakola, aba agwanira okufa. Buli omu ku bo yali ayagala, yali alina kufiira mu ddungu.

88 Naye ne bwe baalwala ne baggwaayo okutuusa nti musawo Musa n'abalala bonna tewali yali ayinza kubaako ky'akikolera, era nga bafa mu nkumi na nkumi; naye Katonda, omugagga mu kusaasira, Yassaawo ekkubo ery'obuddukiro eri abo abaali bamukkiriza. Yakola eddagala eritta obusagwa, nga ateekawo omusota ogw'ekikomo. Katonda mu buggagga Bwe. . . Katonda yassaawo ekkubo ery'obuddukiro abaana Be abakkiriza basobole okuwonyezebwa.

89 Katonda afaayo eri buli kintu kyonna ekitatambula bulungi, buli kintu kyonna kye weenyigiramu. Buli kutambula kwa bulamu kwonna, Katonda akufaako. Oli mwana We, era Ye mugagga mu kusaasira. Ayagala akukolere.

90 Abantu oluvannyuma baayonoona, nga baddira ekintu kye kimu Katonda mwe yali ayise okubakolera omutango, mu musota ogw'ekikomo, ogwali gwoleka nti ekibi kimaze okusalirwa omusango, ne baddira ekirabo ekyo ne bakifuula ekifaananyi ekisinzibwa. Era ne baddamu ne boonoona. "Katonda taligabana kitiibwa Kye na muntu yenna." N'olwekyo, tetusobola kuba na bakatonda babiri, oba basatu, oba bana. Waliwo Katonda omu yekka. Taligabana kitiibwa Kye na kintu kirala kyonna. Ye Katonda, yekka, mukiraba; kati nga

abakaafiiri bwe balina bakatonda abangi. Tulina Katonda omu, era Tajja kugabana kitiibwa Kye na mulala, era Tajja kuleka kintu kyonna kubeera kifaananyi ekisinzibwa mu maaso Ge. Wadde nga abantu Yali abakoledde omutango, ate nga gwali Kigambo kya Katonda, gwali mutuufu; naye bwe baagufuula ekifaananyi ekisinzibwa, ate ne bagwa mu mitawaana.

91 Kaakati ekyo kye kintu kye kimu, ndowooza, ekyatuuka ku mirembe gyaffe egy'ekkanisa. Katonda yatutumira obubaka bwa Martin Luther n'obubaka bwe, John Wesley, n'obubaka bw'abapentekoote, naye twabukozesa ki? Ekintu kye kimu kye baakozesa omusota guli ogw'ekikomo, twabufuula kifaananyi kya kusinza ne tugamba mbu, "Nze ndi wa *kino*, nze ndi wa *kiri*." Mukiraba, n'obeera mmemba mu kintu awatali bwesimbu bulina kakwate na kusinza okutuufu okw'obwakatonda okw'Ekigambo.

92 Kiki ekyabaawo? Bayibuli, tugambibwa mu Bayibuli nti, nti, "Nnabbi yakwata ekifaananyi ekyo n'akizikiriza." Aleruuya!

93 Kye twetaaga okujja olwa leero ye nnabbi anaazikiriza ekifaananyi ekisinzibwa eky'ebibiina by'amadiini, ebirowooza nti bigenda mu Ggulu olw'okwesigama ku kuba n'ekigunje eky'enzikiriza oba okuba ekibiina ky'eddiini; byetaaga kuzikiriza na kwokebwa, bisuulibwe eri. Katonda ajjudde okusaasira. Mugagga mu kusaasira. Mu kiseera fenna we twandibadde wabweru eyo mu kavuyo ako ak'ekizikiza, naye Katonda, omugagga mu kusaasira, atuweerezzanga Omwoyo Omutukuvu owa nnamaddala, n'okuvvuunulwa Kwe okw'Ekigambo ekyo, wano wennyini mu kizimbe buli kiro. Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe, nga tukizuula nti mulungi nnyo! Yee, ssebo.

94 Kati ekintu kyokka kye baali balowooza kye bayinza okukola kwe kugenda eri omusota guno, manya akantu kano Katonda ke yali akoze, ke yagamba Musa akole akawanike ku mpagi, ne bawonyezebwa awatali bwesimbu bwonna. Baayimiriranga buyimirizi ne bagutunuulira. Naye baagufuula ekifaananyi eky'okusinza, era Katonda n'atuma nnabbi n'aguzikiriza.

95 Kaakati, abo bonna abaagaana okutunuulira omusota ogwo mu ddungu, baazikirira. Kati Katonda akola ekkubo, naye bw'ogaana okulitunuulira, bw'otuula ebusukka-kkubo, bw'obaako ekigunje kwe weekwata n'ogaana okutunula butereevu mu Kigambo okulaba oba Kituufu oba nedda; abo bonna abaagaana okutunulayo, baazikirira. Era Katonda ye Katonda atakyuka-n'akatono. Era bonna abaagaana okutunulayo, baazikirira. N'olwa leero bwe kityo bwe kiri, ekintu kye kimu.

96 Era oluvannyuma abantu baddamu ne boonoona, nga bwe bakola bulijjo, ne bagukolamu e—ekifaananyi eky'okusinza,

nga bagufuula e—e—e . . . ne bafuna, nga bagezaako okufuna okuwonyezebwa awatali bwesimbu, nga balina "ekintu mwe balina obwa mmemba," n'engeri gye tukola olwa leero. Era kati okuva awo tukiraba, enjawulo yaakyo, yali nti, Katonda . . .

97 Gwali mutango mulungi era akabonero akalungi ak'ekiseera ekyo. Mu kiseera ekyo, kaali kakola. Naye kaali ka kiseera ekyo kyokka, kaali ka lugendo olwo. Kajja kukola awo wokka, mu lugendo *olwo*.

98 Era obubaka Martin Luther bwe yaleeta, obw'okuggyibwako omusango, bwali bulungi mu mulembe gwa Luther. Bwalina kukola mu kiseera ekyo mwokka.

99 Okutukuzibwa kwali kulungi mu mulembe gwa Wesley. Kwalina kukola mu kiseera ekyo mwokka.

100 Okuva awo ne tuyingira mu mulembe gw'abapentekoote. Era okuzzibwawo kw'ebirabo kintu kirungi nnyo, kyali kirungi mu mulembe ogwo, naye kati awo tusukkawo. Ekyo twakisukka, nga bwe kiri ekikakafu nti waliwo ensi. Tulina okugenda okusukka ekintu kino, kubanga tukikozeemu ekintu kye kimu nga bwe baakola mu kusooka, nga tukikolamu ekifaananyi eky'okusinza. "Nze ndi wa nkola *eno*, nze ndi wa nkola *eri*."

101 Katonda ajja kubaako omuntu gw'atuma anaabetenta ekintu ekyo akiyuzeeyuze akireke bulere, akakase Ekigambo Kye, Ekigambo ekijjuvu. Mwetegereze. Katonda atenderezebwe! Kaakati tukiraba nti ekyo kituufu. Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe!

102 Kaakati kino nnabbi bwe yakizikiriza, baasigala tebalina kabonero konna ka kuwonyezebwa, na ka mutango, kubanga ekifaananyi kyabwe kyali kizikiriziddwa. Naye Katonda, omugagga mu kusaasira, yabakolerawo ekirala. Kati kyali kiki ekyo, kye Yakola? Yasiikuula amazzi mu kidiba ekyali ku yeekaalu, era bangi ne bajja era ne bawonyezebwa, nga beesuula mu mazzi gano. Yesu yagenda ku kidiba kye kimu kino, n'alabayo omusajja eyali agalamiridde awo okumala emyaka egiwerako, nga alinda amazzi gasiikuuke. Mulaba Katonda, omugagga mu kusaasira! Ekintu ekyo wadde baakifuula ekifaananyi kye basinza, wadde nnabbi yalina okukiyuzaayuza, Katonda yabateerawo ekkubo eddala, kubanga mugagga mu kusaasira. Ayagala bawonyezebwe, era Yabateerawo ekkubo basobole okuwonyezebwa.

103 Kaakati, ekyo kyagenda mu maaso, ensi ne yeeyongera okwonoona n'okwonoona, ekiseera kyonna. Era ku nkomerero ya byonna ensi yayonoona nnyo okutuusa nti Katonda yali asobola okugizikiriza, Yagamba mu Malaki 4 nti, "si kulwa nga nzija ne nkuba ensi n'ekikolimo." Yali asobola okukikola; awatali kuwannaanya.

104 Naye kati Katonda, omugagga mu kusaasira, Yatuma Omulokozi, Yesu Kristo. Yatuma Yesu abeere Omulokozi era

omuwonya. Kubanga Yagamba nti, “Nga Musa bwe yawanika omusota ogw’ekikomo mu ddungu, bw’atyo n’Omwana w’omuntu ateekwa okuyimusibwa,” olw’ekigendererwa kye kimu. Ye, ye mutango, gwe tubanja, tewali kirala kyonna wabula omutango. Ekyo Yesu kye yagula n’Omusaayi Gwe, kye tubanja. Era Bayibuli egamba nti, “Yafumitibwa olw’okusobya kwaffe, Yabetentebwa olw’obujeemu bwaffe, ekibonerezo ky’emirembe gyaffe kyali ku Ye; era olw’emiggo Gye twawonyezebwa.” Ekyo kye tusobola okubanja, kubanga ekyo omutango, gwe tulagayo, kye gwatukolera. Katonda, omugagga mu kusaasira!

105 Guno gwalina kuba mutango Ogutaggwaawo, kubanga ye Mwene Ye yajja. Katonda yajja Mwene, mu nkula ey’omubiri ogw’ekibi, okukola o—o—o—okutangirirwa okw’Obutaggwaawo; n’abonaabona mu mubiri, n’akola omutango; n’akomawo mu nkula ey’Omwoyo Omutukuvu, okukakasa omutango ogwo. Awataali musota gwa kikomo wadde amazzi agasiikuddwa agaali gasobola okukikola, byonna byali bisonga ku Mutango ogwo ogutuukiridde. Katonda omugagga mu kusaasira kwe, kino ye yakikola.

106 Kaakati, olwa leero, nga bwe kiri nti kye kiseera mwe tuli, tuyise mu mirembe omusanvu gino egy’ekkanisa era tusaabuludde buli kimu kyonna ne tukijja ku Ekyo. Abaasomerera eby’eddiini be tulina olwa leero Ekyo baakivaako dda. Kyonna bakikasuka eri, mu kiseera kirala, mu mulembe mulala, mu kintu kirala, ekyayita, ekyaliwo edda ennyo. Era okuwonyezebwa okw’Obwakatonda kyenkana kwamalibwawo, nga kizibu okusanga omuntu yenna akukkiriza. Nga bakujerega. Mu myaka egitasukka makumi abiri egiyise, baali bakujerega. Abapentekoote baali baakuvirrako ddala. Baatandika bakukkiriza mu nnaku ezaasooka, naye ne bakuvaako.

107 Mulabe bwe baakola. Kati ebibiina by’amadiini byabalalula, buli kimu kyagala kyekolere ekigunje ky’enzikiriza yaakyo, n’ebirala. Okuggyako, mu kifo ky’okukkiriza Omusana, nga Omusana bwe gwagenda gujja; beekolamu ebibiina ne beekolera ebigunje bye bakkiriza, buli omu n’ajja, ne yeekolera enjigiriza eyiye n’asigala mu njigiriza eyo. Era okuva mu ekyo ne batwalirizibwa ddala okutuusa Omwoyo Omutukuvu lwe yali nga takyasobola kuyingira mu kkanisa. Ne bafuuka ekifaananyi ekirala ekisinzibwa nga bwe kyali ku musota ogw’ekikomo, ne kufuuka ku—kusinza bifaananyi. Nga buli muntu agamba mbu, “Nze ndi wa *kino,* nze ndi wa *kiri.*” Kwali kusinza bifaananyi. Nga tubadde mu kavuyo akatagambika, mu kiseera kino eky’enkomerero.

108 Naye Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe, azzeemu n’atutumira Omwoyo Omutukuvu, era akakasa Ekigambo Kye akawungeezi kano nga bwe Yasuubiza nti bw’Alikola. Katonda yasuubiza nti ebintu bino Alibikola. Mulabe kye Yakola!

109 Mulabe kye Yakola, engeri kati gye tusobola okulaba engeri gye Yasuubiza mu buli mulembe ekintu ekimu okubaaawo. Era tukiraba nti kyatuukiriranga ddala nga bwe kyasuubizibwa, nga bwe Yagamba nti bw'Alikola, kubanga Ye mugagga mu kusaasira Kwe, bulijjo okubeeranga n'okusaasira okutuukirizanga buli Kigambo kye Yasuubiza. Alina okukikola, bulijjo, okusobola okusigala nga ye Katonda. Kino bulijjo Akikola, Ekigambo Kye bulijjo kituukirira mu ntuuko Zaakyo. Ensigo Ye gye Yasiga mu nsi. Yakola ki? Yagiteeka wano mu Kigambo, era eyo nsigo. Era buli mulundi lwe wabaawo omulembe ogujja, ensigo eyo eyengera, olwo okuddaabulula ne kubaawo. Era Yakisuubiza, era ekyo kye kikikola.

110 Kati ebintu bino twali tetubisaanira. Twali tetusaanira mikisa gya Katonda gino, kubanga twali twakyamizibwa okugoberera ebintu by'ensi, ne tuwabira mu nsobi ya Kayini. Kayini, bwe yazimba ekyoto ekiyooyooteddwa obulungi n'ekkanisa amatiribona, n'akyalirira ebimuli, n'alowooza nti ekyo kyennyini kye kyali kyetaagisa mbu, "Zaali apo na matugunda, oba enkomamawanga, oba ekintu bwe kityo," nti nnyina ne kitaawe bye baalya mu lusuku Adeni, ne bibaviirako okugobebwayo. Era bw'atyo ebyo bye yawaayo eri Katonda, naye Katonda n'abigaana.

111 "Naye Abeeri olw'okukkiriza yawaayo eri Katonda ssaddaaka esinga ku ya Kayini."

112 Era, olwa leero, Bayibuli egamba mu Yuda, nti "Baddukidde mu kkubo lya Kayini; ne bazikiririra mu kuwakana kwa Koola okutaliimu." Mukiraba, "baddukidde mu kkubo lya Kayini," bazimbye ebyoto, bazimbye amakanisa, ebibiina by'amadiini, ne babitonaatona ne biba amatiribona, nga binene, ne baba nga be balina bammemba abangi okusinga abalala bonna; ne bamala gayingiza abantu aba buli ngeri, omuntu yenna asobola okujja n'abuukabuuka, oba n'akwatibwako mu ngalo, oba n'abaako engeri emu gy'abatizibwamu, oba nga yayogerako mu nnimi, oba nga yadduka nga bw'adda eno n'eri, n'awandiisa erinnya lye mu kitabo. Bwe kiri. Naye ate n'akyukira Amazima gennyini agabuulirwa, n'agasambajja. Ekyo kisoboka kitya? Mulabe akavuyo ke tulimu! Mwetegereze.

113 Era Bayibuli egamba nti, "Ne bakwata ekkubo lya Balamu, ne bazikiririra mu kuwakana kwa Koola okutaliimu." Baazikiririra mu kuwakana okutaliimu! Okuwakana kwa Koola okutaliimu kwe kuliwa? "Naye, olowooza ggwe wekka ggwe mutukuvu? Ndaba, Katonda . . . Ffenna tuli batukuvu. Ekkanisa yonna ntukuvu. Buli . . . Ffenna leka tukuŋŋaane wamu, ekyo kye tusaanye okukola." Awo we baazikiririra, mu ekyo. Era mazima ddala twali tukigwanira. Twali tugwana kuzikirira.

114 Naye Katonda, omugagga mu kusaasira, atusiseeyo mu kavuyo ako n'atukkiriza tukalabe nga okuzikirira

okwo tekunnabaawo. Mugagga mu kusaasira Kwe, era azzeemu n'atutumira okudda obuggya okw'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, n'okukomezebwawo kw'Amaanyi ga Katonda. Okusinziira ku byafaayo, tewali kudda buggya kwali kubaddewo kusukka myaka esatu. Naye okudda obuggya kuno kubadde kugenda mu maaso emyaka kkumi n'etaano, nga omuliro gwaka, okwetooloola ensi yonna. Lwaki, kubanga twakugwanira? Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe, si lwa kuba twakwagala manyanga si lwa kuba twakugwanira. Lowooza ku ebyo bye kukoze!

115 Ndowooza ku omu ku bannyinammwe wano wennyini mu Phoenix, bangi ku mmwe gwe mumanyi, Muky. Hattie Waldrop, yalina kookolo ow'oku mutima. Era yali mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa wano eno nze n'Ow'oluganda Moore lwe twajja wano omulundi ogwasooka, emyaka nga kkumi n'etaano, oba kkumi na munaana egiyise. Era yali afa, nga alina kookolo w'oku mutima, era yandibadde yafa dda nnyo. Naye Katonda, omugagga mu kusaasira, yaweereza Amaanyi Ge ne gamukkako. Era n'Ataliza obulamu bwe, era olwa leero waali mulamu. Katonda omugagga mu kusaasira!

116 Omubaka w'olukiiko lw'eggwanga olukulu ayitibwa Upshaw, omusajja ow'amaanyi. Ndowooza ye yali omukulembeze, oba ekintu bwe kityo, owa—ow'ekiwayi kya Southern Baptist Convention, mu kiseera ekimu, oba omumyuka w'omukulembeze waakyo oba ekintu bwe kityo. Yali akoze buli kimu kyonna. Yali musajja mulungi. Yakola buli kimu kyonna kye yali amanyi. Yali agenze ku buli musawo. Tewali yayinza kubaako ky'amuyamba. Yali ku ndiri nga takyatambula. Abaweereza baali bamusabidde. Yali afukiddwaako ggalani y'amafuta ku mutwe, nga bagamusiiga, okuva mu baweereza ab'enjawulo okuva buli wamu.

117 Lumu ekiro, mu Los Angeles, California, nnali ntambula ŋŋenda ku kituuti, ne ndaba obugaali bw'abalema nga bukubisaamu emirundi nga ebiri, oba esatu, abantu abaali batudde awo, nga bujjudde buli wamu wonna mu nkuubo, emabega ne mu maaso. Nga waliwo n'akatanda erudda omwali mugalamidde akawala akato akaddugavu, akawala aka langi Enzirugavu, nga—nga maama waako atudde okukaliraana. Era muganda wange ye yali alagirira olunyiriri lw'ab'okusabirwa.

118 Era nnali nneetegereza, nga ssimanyi kiki kyali kigenda mu maaso. Ne ndaba omusawo nga ayambadde gaalubindi ezirina ebirawuli ebyekulungirivu, nga alina omuwala omuto omuddugavu gw'alongoosa, eyalina obulwadde bw'emimiro, n'agongobala. Ne nneetoolooza amaaso, ne nneebuuza muli nti, "Omwana oyo ali ludda wa?" Nga ssimulaba.

119 Oluvannyuma lw'akaseera, ne nnengera erudda, omuwala omuto alabika obulungi wa myaka nga musanvu oba munaana,

nga talina ssuubi lyonna, nga wa kubeera bw'atyo nga yagongobala obulamu bwe bwonna obusigadde. Maama waako yali afukamidde awo ku maviivi ge, nga asaba. Kye nnava ŋŋamba nti, "Omusawo afaanana bw'ati ye yalongoosa omuwala ono omuto," ne mmunnyonnyola bw'afaanana.

N'agamba nti, "Ekyo kituufu, ssebo."

120 N'agezaako okuleeta omwana ku kituuti. Ne bamugamba aleme kukikola. Ne bagezaako okumukkakkanya. Bwe baamala okumukkakkanya, mu nze ne ŋŋamba nti, "Naye, tujja kufuna akaagaanya tumusabire." Mu ddakiika ntono . . . Ob'olyawo wano wandibaawo abantu abaaliwo akawungeezi ako.

121 Era nnali mpisaayisa amaaso mu kibiina, ne ndaba omuwala oyo omuto nga aserengeta, yali nga eyali ayita mu—mu kakubo akafunda, nga akutte ka ddole mu ngalo ze, nga bw'agenda azannyisa ka ddole ako. Wadde omusawo yali yagamba nti yali wa kubeera nga agongobadde obulamu bwe bwonna obusigadde; Katonda, omugagga mu kusaasira, yasindika Omwoyo Omutukuvu n'akka wansi, okuyita mu kwolesebwa, era omuwala oyo omuto yasituka ku katanda ako, era ye ne maama we baakwatagana mu ngalo ne batambula nga bwe bayita mu lukuubo olwo, nga batendereza Katonda.

122 Emabega eri awasemba waali watuddeyo omusajja omukadde, Omubaka mu lukiiko lw'eggwanga olukulu ayitibwa Upshaw, bangi ku mmwe obujulizi bwe mubumanyi. Yali musajja mulungi, yagezaako obulamu bwe bwonna, myaka nkaaga mu mukaaga nga yagongobala atambulira mu kagaali ka balema, nga bamulinnyisa bulinnyisa ekitanda; nga abeera n'emiggo gy'abalema kw'atambulira, gye yatambuzanga, nga taliddamu kutambula nga bwe yali atambula. Era yali atudde awo, nga alaba ekyo nga kigenda mu maaso. Amangu ago, ŋŋenda okukyusa nti amaaso ne ndaba okwolesebwa. Wuuyo n'ajja, nga atambula ayita mu kibiina ekyo, nga akotese omutwe gwe, nga atambulira ddala nga omuntu omulala yenna. Nnali simanyi musajja oyo y'ani.

123 Ne ŋŋamba nti, "Waliwo omusajja ow'amaanyi atudde emabega wali. Bwe yali akyali mulenzi muto yawanuka n'ava mu kigaali n'agwa wansi, ku kitandaalo ebisolo kwe biriira omuddo omukalu, n'amenyeka omugongo. Baawumula ebituli wansi mu nju, okuziyiza ettaka okukankana, nga abantu batambula, okukankana okwo kuleme okukosa omugongo gwe." Ne ŋŋamba nti, "Yafuuka musajja wa maanyi, era yeeyongera okufuuka ow'amaanyi. Atudde mu nkulungo y'abantu ab'amaanyi mu Nnyumba y'Omukulembeze w'eggwanga."

124 Omusajja kye yava ajja n'aŋŋamba, nti, "Oyo ye Mubaka w'olukiiko olukulu olw'eggwanga ayitibwa Upshaw. Wali omuwuliddeko?"

Kko nze nti, "Simuwulirangako."

125 Kye yava atambuza akazindaalo n'akatwala emabega eri, era baali boogera nga bw'amubuuza bw'ayanukula.

126 Ne nkyuka ne nneetoolooza amaaso, ne ndaba nnamukadde Omubaka w'olukiiko olukulu olw'eggwanga ng'ajja, nga atambula ajja gyendi, mu kwolesebwa, nga mulamu bulungi ddala talina buzibu bwonna nga bw'alina okuba. Katonda, omugagga mu kusaasira, yamusika n'amuggya mu kagaali k'abalema ako, n'atambula nga talina miggo gy'abalema okutuusa olunaku lwe yafa. Katonda omugagga mu kusaasira! Abasawo bwe baali balemeddwa, ssaayansi bwe yali alemeddwa, buli kimu kyonna bwe kyali kiremeddwa, Katonda yali mugagga mu kusaasira eri Omubaka w'olukiiko lw'eggwanga olukulu ayitibwa Upshaw.

127 Ndowooza ku bulamu bwange nze kennyini. Bwe nnali nkyali muvubuka muto, nzijukira nga . . . Olwa leero abantu bampita, "akyawa bakazi." Ensonga lwaki kiri bwe kityo, eri lwakuba nnalaba obugwenyufu bungi nnyo mu bakazi bwe nnali nkyali muto. Ne mbakyawa. Naye ekyo olwa leero sikyakikola, kubanga nkimanyi nti waliyo abalungi. Naye nzijukira bwe baali ababi ennyo, nga bagwenyufu nnyo. Era mu nze nnagambanga nti, "Bannange, si—siriyinza kubeera mu bantu. Sirina buyigirize bwonna, n'olwekyo siribeera na muntu yenna."

128 Nnali kaana kato nga ntudde awo, sambadde na ssaati, nga kikabuuti kyange nkisibye wamu bwe *nti*, n'ekikwanso, kyokka nga ebbugumu lingi okukamala. Omusomesa n'ambuuza nti, "William, towulira bbugumu mu kikabuuti ekyo?"

129 Kko nze nti, "Nedda, maama, mpuliramu obunnyogovu." N'aŋŋamba ŋŋende awaali ekyoto nkyongeremu enku, katono nsiriire olw'ebbugumu. Era sa—saalina ssaati okuyita mu kiseera ekyo kyonna.

130 Era mu nze nnagambanga nti, "Bwe ndifuna ssente, bwe ndiba nfunyeeyo obusente obutonotono, nja kwegulirayo emmundu ey'ekika ky'asatu-asatu," nzije mu Buvanjuba nneebeerere eno njigge, obulamu bwange bwonna obusigadde. Nga ssaagala kweriraanya bantu. Nga njagala mbeesaleko, kubanga baali tebanjagala, kale—kale nga njagala mbeesaleko mbeere nzekka.

131 N'ekirala buli lwe nnagendanga mu kibuga, ne mbaako gwe njogera naye, oba ne mbaako abantu be ndaba ku nguudo, be mmanyi, ne mbabuuza nti, "Ogamba otya, John, Jim! Oli otya?"

"O, ogamba otya."

132 Mukiraba, nga tebaagala kwogera nange, nga tebaagala kunneesembereza, olwa kitange ne banne bwe baayiisanga omwenge. Naye ekyo si—si nze eyali akikola. Nze saalina kye nnakola. Naye nnandikomekkerezza ndi muntu kika ekyo.

133 Naye kati nnagamba mukyala wange, ebbanga ttono eriyise nti, “Ekisenge kyange kijjudde emmundu ezisingayo obulungi ezisobola okugulibwa.” O, ate bwe ndowooza ku ngoye ziri encaafu. Akawungeezi ka leero nnina essuuti ennungi bbiri oba ssatu. Ate ku ky’obutabeera na mikwano? Nnina kwekweka bwekwesi ku ttale, okweyawula ku bantu. Byava ku ki, lwa kikula kyange, lwa buyigirize bwange? Nedda. Katonda, omugagga mu kusaasira, yandaba mu mbeera eyo n’Andokola.

134 Nzijukira bwe bankwatanga ku mukono okunkulemberamu, nga omuzibe w’amaaso. Nga ssisobola kulaba. Nga buli kimu ekiri mu maaso gange ndaba kifu; nnandibadde muzibe w’amaaso obulamu bwange obusigadde bwonna. Naye Katonda, omugagga mu kusaasira, yankomezaawo okulaba kwange. Kati nnina emyaka ataano mu etaano, naye nkyalaba bulungi. Katonda, omugagga mu kusaasira, kye kyokka kye nsobola okwogera.

135 Lumu ekkanisa teyalina ngeri yagabirirwa ey’okuwonyezebwa. Waliwo gye baalina, naye ne bagisambajja. Naye Katonda, omugagga mu kusaasira, abasindikidde ekirabo eky’okuwonyezebwa okw’Obwakatonda. Oyo ye Mwoyo Omutukuvu mu makkati gaffe, nga akakasa Ekigambo n’obubonero nga bugoberera. Katonda omugagga mu kusaasira!

136 Nnina wano emiko nga ebiri oba esatu egy’ebyo bye nnawandiise, naye sigenda kugezaako kubikwatako, kubanga nki—nkimanyi obudde bw’okutandika olunyiriri lw’okusabira abalwadde bunaatera. Naye Katonda omugagga mu kusaasira Kwe!

137 Bangi ku mmwe abali wano akawungeezi kano, abasawo baabalemwa. Waliwo abantu abatudde mu bugaali bw’abalema obwo, ob’olyawo tebalibuviiramu ddala. Baakububeeramu lubeerera. Abamu ku bo, baagongobala mu ngeri ez’enjawulo, nga (tebaliyinza) kubuvaamu, tewali ngeri yonna gye balibuvaamu. Naye Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe, ataddewo omutango. Togusambajja. Gusembeze. Waliwo abantu abali eyo abatawaanyizibwa endwadde y’omutima, waliwo abantu abalina bikookolo, nga abasawo tebalina kye bayinza kubikolera. Nga temulina ssuubi, temuyinza kweyamba, mu nsi muno.

138 Naye Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe, aweerezza Omwoyo Omutukuvu, era ali wano wennyini mu kaseera kano okukakasa Ekigambo, okukakasa nti Abeera bumu jjo, leero, n’emirembe gyonna. Kubanga tukigwanira? Kubanga Katonda mugagga mu kusaasira Kwe! Amiina. Kaakati oyo ye Ye, oyo ye Muntu, Ye Mukama waffe Yesu. Si mufu, wabula Yazuukira okuva mu bafu, era Mulamu emirembe gyonna.

139 Abeera bumu jjo, leero, n’emirembe gyonna, akyali mugagga mu kusaasira Kwe nga bwe Yali eri omukazi eyalina ekikulukuto

ky'omusaayi. Omukazi oyo yatanula okuyita mu kibiina. Teyalina ssuubi lyonna, abasawo baali bakoze buli kimu kyonna kye baali basobola. Yalina ekikulukuto ky'omusaayi. Yali afa. Naye yakwata ku kyambalo kya Mukama waffe. Katonda, omugagga mu kusaasira, n'akyuka n'amubuulira ekimutawaanya. Era n'awonyezebwa ekikulukuto ky'omusaayi kino.

140 Lumu waliwo mukazi wattu malaaya, eyagenda ku luzzi, okukima amazzi. Nga talina ssuubi. Yali yagobebwa mu bawala embeerera, nga takkirizibwa kubeera mu bantu, nga obulamu bwe si bulungi. Ne yeebuuza munda mu ye nti, "Ye kigasa ki okugezaako? Nnagobebwa, sikyalina kye nsigazza." Naye n'atunula, emabbali nga waliwo ayimiriddewo, manya nga waliwo atudde ku mabbali g'oluzzi, nga waliwo Omusajja atuddewo eyamubuulira ebintu byonna bye yali yakola, Katonda omugagga mu kusaasira Kwe.

141 Katonda y'omu oyo, akawungeezi kano, akyali mugagga mu kusaasira Kwe, mu ngeri y'emu nga bwe Yali mu biro ebyo. Katonda omugagga. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

142 Ndowooza tulina wano kkaadi z'ab'okusabirwa nga ebikumi bibiri ezaagabiddwa, manya abantu be tuyiseeyo okuva mu bantu ebikumi bibiri. Tugenda kubayitayo era abantu tubagambe basimbe olunyiriri. Tugenda kubasabira.

143 Naye nga tetunnakikola, twagala bwe wabaawo abapya abazze, beetakkuluzeeko okuwanuuza okw'engeri yonna. Kuno si kuwanuuza buwanuuza. Wabula kwe kulabisibwa kw'ekisuubizo kya Katonda. Kisinziira ku kiki ky'otunuulidde. Tewali muntu yenna alina maanyi gakola munda mu ye. Tewali muntu yenna alina maanyi mu ye. Naye ffe nga abakkiriza tulina obuyinza; si maanyi, wabula obuyinza.

144 Waliwo eyambuuza, gye buvuddeko, nti, "Ow'oluganda Branham, okkiriza nti kino olina amaanyi okukikola?"

145 Ne mmugamba nti, "Ssirina maanyi, n'akatono, naye nnina obuyinza." Buli mukkiriza abulina. Bw'obugaana, ojja kusigala awo wooli. Naye bw'onoobukkiriza, bujja kukola eby'omuyiika ebisukkiridde, kubanga Katonda mugagga mu kusaasira Kwe.

146 Twala eky'okulabirako ky'akaserikale akayimiridde erudda ku luguudo, nga engoye zaako zonna zikalebera, ka nnyamayaalwo. Nga enkofiira gye kambadde ekabisse amatu ne geeweta. Naye ne katambula ne kagenda ku luguudo olwo emmotoka we ziyita, nga ziwenyukira ku misinde gya mayiro ataano buli ssaawa, nga zirimu yingini z'amaanyi ga mbalaasi ebikumi bisatu. Naye nga tekalinaamu wadde otwanyi otusobola okuyimiriza eggaali. Bwe kiri. Naye leka kafuuwe bufuuyi ffirimbi eyo kayimuse omukono ogwo waggulu, olabe ebiziyiza bwe byekuuta. Tekalina maanyi, naye kalina obuyinza. Ekibuga kyonna kiri mabega waako.

147 N'omusajja oba omukazi, ssifaayo oli mu mbeera ki, olina obuyinza bwa Katonda, olw'ekisuubizo, kubanga Ye mugagga era yasuubiza okukola eby'omuyiika ebisukkiridde. "Bw'oyogera eri olusozi luno nti, 'siguukululwa,' n'otobuusabuusa mu mutima gwo, wabula n'okkiriza nti ky'oyogedde kijja kutuukirira, osobola okufuna ky'oyogedde." Tolina maanyi, naye olina obuyinza.

148 Mujjukire bwe Yaŋŋamba edda eri, nti, "Oliba osobola okubikkula ebyama by'emitima." Kubanga Ye. . .Ekyo mukijjukira, bangi ku mmwe ab'omu Phoenix? Yakisuubiza. Kye Yasuubiza, Akikola.

149 Kati nkakasa, waliwo abamu ku mmwe abali wano abatalina kaadi za baakusabirwa. Bameka abalwadde nga temulina kaadi za baakusabirwa, muyimuse emikono gyammwe? Mazima ddala. Kale. Bwe muba mwagala okumanya, si buyinza. . .si maanyi, wabula obuyinza bw'Ekigambo ekigamba nti, "Ebintu bye nkola, nammwe mulibikola."

150 Yesu yasuubiza, mu Lukka 17:30, nti Okujja Kwe bwe kuliba kunaatera okubaawo, walibaawo ekiseera nga ekya Musa. . .manya ekya Nuuwa, "Bwe baali nga balya era nga banywa, n'okuwayiza; ne batamanya okutuusa ku lunaku Nuuwa lwe yayingira mu kyombo." Yagamba nti ekiseera ekyo kiribaawo. N'era n'Agamba nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti," n'agamba nti, "bino biribaawo mu kiseera ekyo Omwana w'omuntu mw'alibikkulirwa, Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa mu nnaku ez'oluvannyuma."

151 Kaakati mulabe kye Ya, engeri Omwana w'omuntu gye Yeebikkulamu mu Malayika ono, eyali Omwana w'omuntu. Mazima ddala. Ibulayimu yamuyita, "Elohim." Ye yali Omwana w'omuntu, eyeebikkula Ye kennyini nga ensi y'Ab'amawanga tennayokebwa. Yakikola atya? Eri omukkiriza. Eri oyo eyeefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza omukkiriza, Yabatumira ababuulizi babiri be baba babuulira gye bali. Naye eri omukkiriza owa nnamaddala, Yayimirira nga akubye weema omugongo Gwe, n'Agamba nti, "Ibulayimu." Yali ayitibwa Ibulaamu olunaku nga. . .ennaku ntono ezaali zaakayita, nga ekyo tekinnabaawo. Naye kati ye Ibulayimu. "Mukyala wo ali luuyi wa, Saala?"

152 N'amugamba nti, "Ali mu weema, emabega Wo."

153 N'agamba nti, "Ŋŋenda kukuuma ekisuubizo Kyange gy'oli. Ŋŋenda kukukyalira."

154 O, Ibulayimu yali wa myaka kikumi, nga Saala wa myaka kyenda; naye Katonda, omugagga mu kusaasira, yakuuma ekisuubizo Kye. Kyaleeta omwana, kubanga Katonda asaasira, era Ajjudde okusaasira. Mugagga mu kusaasira. Akuuma ekisuubizo Kye.

155 Mulabeeyo, nga omugongo Gwe agukubye weema, Saala yaseka n'agamba nti, "Nga bino biyinza bitya okubaawo? Nkaddiye. Nnyinza ntya okufuna essanyu n'omwami wange, nga omukazi omuto eyaakafumbirwa? Kubanga, omwami wange wa myaka kikumi. Enkolagana yaffe ey'eby'omukisenge yakoma dda, emyaka mingi, egiyise. Kino kinaasoboka kitya?" N'akisekerera.

156 Malayika eyali. . .Omwana w'omuntu eyali akubye weema o—omugongo Gwe, kye yava abuuza nti, "Lwaki Saala asese, n'agamba nti, 'Bino biyinza bitya okubaawo?'"

157 Kyali kiki? Yesu yagamba, mu njiri y'Omutukuvu Lukka 17:30, nti, "Mu nnaku nga bwe kyali mu nnaku za Lutti," embeera y'emu, ensi y'Ab'amawanga bw'eriba tennayokebwa, Yagamba nti, "Omwana w'omuntu Alyebikkula mu kiseera ekyo." Yakola ekisuubizo, Malaki 4 yatusuubiza nti ky'alyogera. Walijja Obubaka obulizzaayo abantu ku Bubaka bwa pentekoote obwasooka, n'emikisa gye gimu gye baalina ku lunaku lwa. . .Ekyo kye kiki? Y'empungu ey'ebiwaawaatiro ebibiri, Endagaano Empya n'Enkadde, nga ekuba ebiwaawaatiro byayo eby'ebisuubizo, bya Katonda, okutuukiriza ebisuubizo bya Bayibuli kye byagamba nti by'erikola. Amiina.

158 Katonda, omugagga mu kusaasira, yali tayinza kuleka bantu Be kutwalirizibwa mu nkola ya bibiina bya madiini eno ey'okugamba mbu, "ndi mugagga era ngaggawadde mu bintu by'ensi," Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya, naye Yalina okuteekawo ekkubo ery'obuddukiro. Mukikkirize, bantu mmwe. Katonda abawe omukisa. Amiina. Katonda omugagga mu kusaasira! Okusaasira kwa Katonda, ekyo kye kintu kyokka kye njaayaanira. Si butuukirivu Bwe, si tteeka Lye; wabula kusaasira Kwe kwe njaayaanira. Ayi Katonda nsaasira. Fenna tulina enneewulira eyo.

159 Mbadde nneetegereza. Waliwo omukazi omu atudde erudda wano eno entebe w'ekoma. Awo wooli olina kaadi y'ab'okusabirwa, nnyabo? Togirina. Leka nkulage Katonda bw'ali omugagga mu kusaasira. Obadde mweraliikirivu nnyo ennaku zino, si bwe kiri? Nnyo ddala, okutuusa nti n'amaaso go geeyongedde okuba obubi. Si bwe kiri? Bwe kiri. Kaakati gagenda kukyuka. Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe, okuyita mu kukubuuza oba nga kino onookikkiriza. Kati tolina kkaadi ya baakusabirwa, tolina ky'olina; naye togyetaaga. Okiraba, ekisa kye kikuweereddwa.

160 Erudda wali watuddewo omuvubuka omuto mu maaso awo, alina engeri ya. . .atudde wano eno wennyini. Alina ekizimba ku mubiri gwe. Yaakakifuna, jjuuzi. Si bwe kiri, ssebo? Bwe kiri. Tomanyi kye kiri. Kikweraliikiriza. Bwe kiri. Waliwo ekyakukwagula kwe kyava, si bwe kiri? Olina kaadi

y'ab'okusabirwa? Tolina kaadi ya baakusabirwa. Togyetaaga. Katonda omugagga mu kusaasira Kwe!

161 O, muganda wange, mwannyinaze, kkiriza Katonda! Tomubuusabuusa. Mukkirize! Bwe kiri.

162 Waliwo omusajja atudde wano, ayambadde essuuti eya kikuusikuusi, ayambadde gaalubindi. Tunula eno, ssebo. Okkiriza? Katonda omugagga mu kusaasira Kwe. Otudde wano olina obulwadde bwa aniya. Okkiriza nti aniya oyo Katonda asobola okumuwonya n'owonyezebwa? Atudde wano eno entebe w'ekoma, antunuulidde. Bw'oba okkiriza nti Katonda asobola okuwonya aniya oyo, Katonda ajja kukikukolera bw'oba onookisembeza. Okikkiriza? Onookikkiriza? Kale. Osobola okukifuna bw'oba nga onookikkiriza, funa okusaasirwa. Yee, ssebo.

163 Waliwo omukazi atudde wano eno, alina okusannyalala mu mubiri gwe omusaayi tegutambula bulungi. Naye bw'aba nga anaakkiriza, Katonda ajja kumuwonya, bw'anaakikkiriza. Nzikiriza agenda kukisubwa, awatali kubuusabuusa kwonna. Funa okusaasirwa, kwe kusaba kwange. Omukazi oyo nninga alaba. . .Muky. Riley, okkiriza nti Katonda asobola okuwonya okusannyalala okwo omusaayi ne gutambula bulungi? Bw'oba okikkiriza, kitwale! Amiina. Kkiriza bukkiriza. Katonda mulungi, si ky'Ali, Stella? Ddala. Bwe kiri. Omukazi oyo ssimulabangako mu bulamu bwange. Naye, Katonda, mu kusaasira Kwe!

164 Waliwo omukazi omulala, atudde emabega wali, emabega ddala, antunuulidde. Era, naye, alina okusannyalala omusaayi gwe tegutambula bulungi, naye. Abadde akirowoozaako. Omukazi oyo simulabangako mu bulamu bwange. Nga bwe kiri nti n'omukazi ono omulala abadde n'ekintu kye kimu, ntunuulira. Onzikiriza okuba nnabbi wa Katonda, oba omuweereza We? N'ekirala olina obulwadde bw'omutima. Ekyo bwe kiba nga kituufu, yimusa omukono gwo. Kati tokyabulina. Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe, alaga nti Mulamu waali wano mu kizimbe akawungeezi kano. Katonda omugagga mu kusaasira Kwe! Amiina.

165 Wayinza okubaawo aboonoonyi, n'abo ababadde baddirira abasobola okuyimirira, n'ogamba nti, "Ayi Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe, nsaasira"? Yimirira ku bigere byo. Ŋŋenda kukusabira, bw'oba okkiriza nti Ayagala. . .oyagala kusaasirwa mu kaseera kano. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, naawe. Ggwe eyaddirira, yimirira ku bigere byo. Katonda omugagga mu kusaasira Kwe! Oli—oli. . .

166 Mazima ddala temunnasannyalala nnyo, mu mbeera eno, kutuuka kuba nti temusobola kukiraba nti ekyo kyennyini ky'ekisuubizo ky'ekiseera kino. Mazima ddala

temunnatwalirizibwa nnyo mu kibiina kya ddiini, na bintu birala, kutuuka kuba nti temusobola kukiraba nti kino ky'ekisuubizo ky'ekiseera kino, Katonda omugagga mu kusaasira.

167 Mmwe mwenna, abayimiridde, mu kaseera katono ŋŋenda kusaba. Njagala obeeko ekkanisa ennungi ekkiririza mu Njiri enzijuvu gy'ogendamu o—o—obatizibwe mu kubatizibwa okw'Ekikristaayo, Katonda akuwe Omwoyo Omutukuvu.

168 Waliyo omulala ayagala okuyimirira, ogambe nti, "Nze, njagala kujjukirwa. Ayi Katonda, mu kusaasira Kwo, nzijukira. Sitambulidde mu bulamu mwe nnina kutambulira. Ob'olyawo. . ."? Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Naawe Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Bwe kiri. "Ayi Katonda, omugagga mu kusaasira Kwe, nsaasira." Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Waliyo. . .?

169 Bameka abalala abali wano, abagamba nti, "Ŋŋenda kuyimirira. Njagala Katonda ategeere nti njagala kusaasirwa. Sitambudde bulungi. Mbadde *eno* n'*eri*. Mbadde mu kino na kiri, naye njagala kusaasirwa Kwe." Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Waliyo omulala yenna, agamba nti, "Katonda omugagga mu kusaasira Kwe!" Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Bwe kiri. Katonda omugagga mu kusaasira Kwe! Naawe, Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa emabega wali. Katonda akulaba. Yimirira buyimirizi ku bigere byo.

170 Oyinza okumbuuza nti, "Ekyo kirina eky'amaanyi kyonna kye kikola, Ow'oluganda Branham?" Mazima ddala. Ggwe yimirira olabe enjawulo gye kikola.

171 Bw'oba nga ddala oli mwesimbu mu mutima gwo, Katonda mugagga mu kusaasira. "Tayagala muntu yenna kuzikirira, wabula bonna bajje eri okwenenya." Katonda omugagga mu kusaasira Kwe! Ayi Katonda, tusaasire.

172 Kaakati bameka abali wano, abakutte kaadi ezo ez'ab'okusabirwa? Zaabadde kaadi ki? Waliwo eziwandiikiddwaako ennyukuta A n'eziwandiikiddwaako ennyukuta B, si bwe kiri? Ezimu ziwandiikiddwaako ennyukuta A n'endala B. Abo bonna abalina kaadi z'ab'okusabirwa eziwandiikiddwaako ennyukuta A, muyimirire ku ludda *luno* eno, n'abalina eziwandiikiddwaako ennyukuta B mujja kuyimirira emabega waabwe.

173 Simanyi oba waliwo abaweereza wano abandyagadde okunneegattako bannyambeko. Bwe baba weebali, njagala mujje mu maaso, nja kusanyuka okuba ne—n'obuyambi bwammwe wano, kubanga tunaasanyuka okusaba, era tusabe—tusabe nammwe.

174 Kino, Bayibuli egamba nti, “Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza.” Yee, ssebo. “Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu, banaayogeranga ennimi empya.” Ebyo tubikoze? Olw’ekisa kya Katonda; si ffe, wabula Katonda omugagga mu kusaasira y’akikoze okusobola okutuukiriza Ekigambo Kye. Katonda!

175 Kaakati, obugaali bw’abalema, bwe muba mwagala okubateeka wano eno mu maaso; tujja kubasabira wano wennyini, bo tekijja kubeetaagisa kusimba, kuyita mu lunyiriri olwo. Kale, leka, leka bajje buzzi wano mu maaso. Tujja kubasabira, buli omu ku ffe. Katonda omugagga mu kusaasira Kwe!

176 Osobola okugira nga okyayimiridde ku ludda olwa ddyo, okumala eddakiika entonotono? Ow’oluganda Brown yazze naawe? [Ow’oluganda agamba nti, “Ajja nkya.”—Omuk.] Ajja nkya. Nna—nna—nnabadde nsuubira nti anaabeera wano. Aliwa, Ow’oluganda Outlaw aliwa, Ow’oluganda Fuller aliwa? Abamu ku bantu abo abaali mu maaso wano nange lwe nnasooka okujja, mukomeewo. Mujjukira ennyiriri z’ab’okusabirwa zino ez’enkola ey’edda, we twayimiririranga okutuusa omu lwe yampaniriranga ku ludda olumu, n’omulala ku ludda olulala, nga nzenna nnyenjebuse?

177 Bameka abaali babaddeko mu nkuŋŋaana ezo ez’edda eri bwe twali twakatandika? Mulabeeyo wano. Mujjukira mu kiseera ekyo, nga nnabagamba nti Mukama waffe Yesu yaŋŋamba, nti bwe nnaabeera omwesimbu, ebintu bino bijja kubaawo. Si bwe kiri? Tetwalina bintu bwe bityo mu biseera ebyo. Naye byabaawo, kubanga Katonda mugagga mu kusaasira Kwe, era mwesigwa eri ekisuubizo Kye. Amiina! Ngezaako okumaliriza, naye nnemeddwa. Amiina! Katonda atenderezebwe! Aleruuya! “O, ndi musanyufu nnyo okuba nti ndi omu ku bo!” Amiina. O, bannange!

> Waliwo abantu kyenkana buli wamu,
> Nga emitima gyabwe giri ku muliro,
> N’Omuliro ogwakka ku Pentekoote,
> Ogwabalongoosa ne batukula;
> O, gubugujja kaakano munda mu mutima gwange,
> O, ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye!
> Ndi musanyufu nnyo okuba nga nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

178 O, nze, omunaku, asaasirwa, omuzibe w’amaaso, nga bwe nnali; naye kati olw’okusaasira Kwe, olw’okusaasira Kwe okungi, nsobola okulaba Obwakabaka bwa Katonda mu maaso. Amiina. Ebiragiro Bye nga birungi!

179 Muganda wange, yimirira erudda wali, ku muggo gwo. Bw’oba tosobola kusituka, tewali buzibu, yimirira wano eno,

tujja kukka wansi awo tukusabire.

180 Kaakati leka abalina kaadi z'ab'okusabirwa eziwandiikiddwaako ennyukuta A n'eziwandiikiddwaako ennyukuta B, basimbe ku ludda luli wali, era tugenda kubasabira.

181 Baganda bange abaweereza, ddala, bw'oba nga okkiririza mu kuteeka emikono ku balwadde, jangu wano eno oyimirire nange ku kituuti kino. Tugenda kusabira abalwadde.

182 Kaakati eri mmwe abayimiridde mu lunyiriri olwo, singa musobola okukikkiriza nti Okubeerawo kwa Katonda kuli wano, nti Omwoyo Omutukuvu ali mu makkati gaffe kaakano, nga akola ekyo kyennyini kye Yagamba nti ky'Alikola. Ssinga mbadde n'amaanyi agasobola okubawonya, mazima ddala nnandikikoze. Ssinga mbadde n'engeri yonna ey'okubawonya, mazima ddala nnandikikoze. Naye sigirina. Nni. . . Katonda waliwo ekirabo ekitonotono kye yampa.

183 Siri mubuulizi kiri awo. Sirina buyigirize bumala kusaanyizibwa kubeera mubuulizi, gwe bayita omubuulizi ensangi zino, kubanga—kubanga ateekwa okuba nga alina obumanyirivu bw'okuba nti yasoma eby'eddiini, era ateekwa okuba ne ddiguli y'obwa dokita, n'ebirala bwe bityo. Ebyo sibirina. Naye Katonda, alaba omutima gwange, era akimanyi nti njagala kubaako ne kye mmukolera, njagala kumusiima.

184 Luli waliwo omusajja eyaŋŋamba, nti, "Nze ndowooza oli muntu mulungi, Mw. Branham, naye nzikiriza oli mukyamu mu bwesimbu bwo. Wawabira ddala n'ova ku mulamwa. Okimanyi nti ku nkomerero ojja kusalirwa omusango?"

185 Ne mmugamba nti, "Labayo, njagala mbeeko ne kye nkugamba. Ŋŋenda kugamba nti wa—wandiba omutuufu, mmale gakyogera olw'okwewala empaka. Bwe mba nga ndi mukyamu, kye si—sikkiriza nti ndi mukyamu; naye singa mbadde mukyamu, naye ne nkitegeera mu kaseera kano nti ŋŋenda kubeera mulamu okutuuka ku myaka kikumi, era nti ku nkomerero y'olugendo Ajja kunsalira omusango, aŋŋambe nti, 'Tosaanira kuyingira mu Ggulu Lyange, William Branham. Genda mu kizikiza eky'ebweru.' Nkubuulire? Era nnandimuweerezza buli lunaku olw'obulamu bwange okutuusa lwe nnandigenzeeyo. Kubanga nfunye emikisa Gye mingi gye sisaanira, n'Atuuka okuba nti ansingira obulamu. Ye buli kimu kyonna kye. . . "

186 Buli kimu kyonna kye ndi, buli kimu kyonna kye nsuubira okubeera, nkifunye mu kusaasira Kwe na kisa. Nnali munaku, asaasirwa, omwavu, omuzibe w'amaaso; naye olw'ekisa Yamponya, era ndi munywevu era mulamu bulungi, olw'ekisa kya Katonda. Amaaso gange galaba bulungi. Nnina eky'okulya, nnywa, nnina buli kimu kye nneetaaga. Tasuubizangako kumpa bye njagala; wabula bye nneetaaga.

187 Era singa ndigobebwa ku lunaku luli, naye nga mmanyi... Ssisoboola kumanya wa we nnandibadde. Naye singa nnali nkimanyi nti ndi mukyamu, era nga Katonda yannondera kubeera mukyamu, nandyagadde nsigale nga ndi mukyamu, kubanga njagala nkole ekyo ky'Ayagala kikolebwe. Kiri nti, mmwagala nnyo okutuusa nti njagala ekyo ky'Ayagala kikolebwe. Kati, ekyo kigambo kya maanyi okwogera, naye ka nsuubire nti mukifuna mu ngeri, mu mwoyo mwe nkyogeredde. Mukiraba, njagala kukola ekyo ky'Ayagala kikolebwe. Ŋŋenda ne mbaako ne kye mmusaba, n'Anyeenya omutwe Gwe n'aŋŋamba nti, "neddda," naye nsanyuka busanyusi mu ngeri y'emu nga bwe yandiŋŋambye nti "yee." Kubanga, bulijjo tulina kusaba nti, "By'Oyagala bikolebwe." Okugaana Kwe kulinga...bwe kiba nga ky'Ayagala kikolebwe, kuba nga... Kubeera kusingira ddala Ye okugamba nti weewaawo, bwe kiba nga ekyo ky'Ayagala kikolebwe. Ekyo ky'ekyoleka nti ddala omwagala. Amiina.

188 Bwe ntandika okumwogerako, sisobola kulekera awo. O, Wa nnamaddala, wa nnamaddala nnyo gyendi! Ab'emikwano, Ye—Ye byonna bye ndi, byonna bye nnali nnyinza okuba, byonna bye nnali nsuubidde okubeera, bisimbiddwa mu Kristo Yesu, Ekigambo Kye.

189 Nsiima nnyo akawungeezi kano olw'obujulirwa bw'Omwoyo Omutukuvu, ku lw'Obubaka. Nkimanyi kiyinza, wayinza okubaawo abatakkiriziganya nabwo, naye nga bwe nnabagamba, nnina Obubaka bwe nvunaanyizibwako. Akabonero kajja, era Katonda tamala gasindika kabonero kulaga bulazi nti Ye Katonda. Obubaka, Eddoboozi bulijjo ligoberera akabonero. Ekyo buli muntu akimanyi.

190 Yesu yajja n'obubonero n'ebyewuunyo. Yali Musajja wa kitalo bwe Yali akola obubonero n'ebyewuunyo, naye bwe Yatanula okutuula wansi n'atandika okuleeta Obubaka, "Nze ne Kitange tuli Omu," ha, bannange, ekyo gye bali kyali kikyamu. Mukiraba? Naye Eddoboozi lyali lirina okugoberera akabonero.

191 Musa yaweebwa obubonero bubiri, era buli kabonero kaalina eddoboozi. Bwe kiri. Nnakibuulirako wano gye buvuddeko, oba awantu awamu, bwe nnabuulira ku, *Eddoboozi Ly'Akabonero*. Kateekwa okuba ne—Eddoboozi ly'akabonero. Kubeera kukyusa. Bulijjo bwe kityo bwe kiri. Bwe kitaba bwe kityo, kitegeeza tekava wa Katonda.

192 Singa wajja omusajja nga alina obuweereza obw'enjawulo obutali bwa bulijjo, obusangibwa mu Bayibuli nti ge Mazima, naye omusajja oyo n'asigala mu njigiriza y'ekibiina ky'eddiini y'emu eyo, obuweereza obwo mubwerabire. Tebuba na makulu! Katonda takola kintu nga ekyo. Ekintu ekyo, eyo ebeera mmaanu envundu erimu enkuyege, manya envunyu, oba kyonna kye muziyita, ey'emyaka ana, oba ataano egyayita, nga mugezaako

okulya emmaanu eyagwa edda emyaka n'emyaka egyayita. Naye abaana ba Isiraeri, bwe baali mu lugendo lwabwe, baafunanga emmaanu ensu buli lunaku. Bwe kiri, wali tosobola kugitereka.

193 Tetubeerawo ku kintu kya mulembe ogumu ogwayita. Tulya Mmaanu empya, Emmaanu ensu eva mu Ggulu, mu lugendo lwaffe nga bwe tugenda mu maaso.

Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe.

194 Ayi Mukama Katonda, Oli wa nnamaddala nnyo, Okubeerawo Kwo. Ndowooza ku kisa, ayi Mukama. Tu—tukulabye nga Okola ebintu nkumu! Tukuwulidde nga Oyogera mu nnimi, ne tukulaba nga Ozivvuunula, okuyita mu bantu Bo. Ayi Katonda, tukulabye nga Owonya abalwadde, nga ozibula amaaso ga bamuzibe, nga otambuza abalema, nga bakiggala bawulira, nga bakasiru boogera, nga Oli Katonda ow'amaanyi era ow'obuyinza!

195 Era nate tukiraba nti kino Wakisuubiza okubaawo mu nnaku ez'oluvannyuma, wadde tulina okugeegeenyezebwa okw'omubiri kungi, naye kyoleka bwolesi nti waliyo Katonda owa nnamaddala, awantu awamu, oyo omutuufu ddala. Era nkusaba, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, akawungeezi kano, tusobole okutegeera okubeerawo kwo era tulabe nti Oli wano.

196 N'abantu bano abali mu lunyiriri, bwe banaayita mu lunyiriri luno, ayi Mukama. . . kubanga kino tukikola, kubanga twakola ekisuubizo gye bali. Era Wagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza."

197 Wano waliwo ab'oluganda abaweereza abayimiridde wano, abasajja be Walonda, nga ensi tennatondebwa, okubeera ekyo kye bali akawungeezi kano. Wakimanya, nga n'ensi tennabaawo, nti tuliba tuyimiridde wano akawungeezi kano, kubanga Ggwe toliiko kkomo mu kumanya.

198 Na bwe kityo tusaba, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, akawungeezi kano, nti nga abantu bano abalwadde, abaagongobala, abazibe b'amaaso, abalema, abaliiriddwa kookolo, oba kyonna ekibaluma, bwe banaayita mu lunyiriri luno, tusaba bakitegeere nti Katonda yennyini amanyi ebyama by'omu mitima ajja kubawonya, singa banaakikkiriza, ne batunula butunuzi ne bakitegeera.

199 Omuntu eyatunulanga ku musota ogw'ekikomo nga kabona gwe. . . nga agulaba nga kikomo bukomo, teyawonyezebwa, kubanga yabanga tagutegeera kye guli.

200 Ne leero, ayi Mukama, kye kimu. Bwe batunuulira ekirabo, ne balowooza nti kye kinaabayamba, baba tebalina kutegeera. Kyo kikakasa bukakasa Kubeerawo kwa Katonda okuli wano okuwonya. Kikkirize, ayi Kitaffe. Tusaba kikolebwe, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

201 Njagala omukubi w'ennanga, bw'aba asobola, omusajja oba omukazi, yenna aliwo, agende wali akube oluyimba luno olugamba nti, "Omusawo omukulu kaakano ali kumpi, Yesu omusaasizi," bw'aba asobola mwannyinaffe, wonna w'ali. Kati ekyo kye. . .

202 Nzijukira olumu ku lukuŋŋaana lwange olw'okuwonyezebwa olwasooka, mu Fort Wayne, Indiana. Waaliwo omuwala Omwamisi yali atudde awo, nga akuba ennanga, "Omusawo omukulu kaakano ali kumpi, Yesu omusaasizi." Ne wabaawo omwana omuto eyaleetebwa gyendi ku kituuti, nga mulema. Era bwe nnali nsabira omwana oyo, n'abuuka n'anva mu ngalo n'adduka okwetooloola ekituuti. Maama we n'azirika. Jjajjaawe omukazi n'akasuka eri akatambaala ke, n'atulika n'akaaba.

203 Naye kati omuwala ono omuto Omwamisi, nga talina n'ekimu ky'amanyi ku bya Bapentekoote, kubanga yali wa kkanisa ya nzikiriza y'Abaamisi; naye ye yali akuba ennanga. Enviiri ze empanvu ne zisumulukuka; n'asituka mu Mwoyo n'atandika okuyimba mu nnimi ezitamanyiddwa, nga. . .nga bw'agoberera oluyimba olwo. Amapeesa g'ennanga ago ne gatandika okwenyiga gokka, nga bwe gakuba oluyimba olwo, "Omusawo omukulu kaakano ali kumpi, Yesu omusaasizi." Amiina! Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

204 Kaakano leka tusabe nga. . .Kati leka buli muntu gy'ali eyo asabe. Mmwe abagenda okujja mu lunyiriri, bwe tukuteekako emikono, jjukira nti, Yesu yagamba nti, "Bw'onookikkiriza, ojja kuba bulungi." Mukikkiriza? Kaakano leka ffenna tuyimbe.

Omusawo omukulu kaakano ali kumpi,
Yesu omusaasizi;
Ayogera. . .

Kaakano leka tuzibirize amaaso gaffe nga bwe tuyimba.

. . .emitima egyennyise,
O, wulira Eddoboozi lya Yesu.

Ly'eddoboozi erisinga mu luyimba lwa baseraafi,
Ly'Erinnya erisinga obuwoomu ku lulimi lw'abantu,
Lwe luyimba olusinga. . .(Kitaffe Katonda, kaakano tambula okome ku bantu). . .olwali luyimbiddwa,
O Yesu, Yesu ow'omukisa.

Omusawo omukulu. . .

205 Kaakano nga bwe mujja, Ali wano. Twala ekigambo kyange, oba ggwe kennyini kyekkiririze, nti Ali wano. Kaakano buli muntu eyo gy'oli beera mu kusabira abantu. [Ow'oluganda Branham asabira abalwadde, Ow'oluganda Borders agenda mu

maaso n'okuyimba *Omusawo Omukulu*. Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

Ayi Mukama, nzikiriza, Ayi Mukama, nzikiriza;
Byonna biyinzika, Ayi Mukama, nzikiriza.

206 Mwenna abakkiriza, muyimuse emikono gyammwe bwe *muti*, mugambe nti, "Nzikiriza." [Ekibiina kiddamu nti, "Nzikiriza."—Omuk.]

207 Wano waliwo omusajja atudde. Ensonga lwaki mbadde nsiriikiridde; okwogera, kookolo amutta. Ali ku muggo gw'abalema guno. Tewali ngeri yonna mu nsi musajja ono gy'ayinza kuba mulamu, nga oggyeeko Katonda. Kookolo amulidde ebyenda byonna, era agenda kufa bwe kutaba kusaasira kwa Katonda. Kale ssinga mbadde . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . ekigambo eky'okuzzaamu amaanyi eri omusajja ono.

208 Ggwe, okimanyi nti kati abasawo tebalina kye bayinza kukukolera. Awo wasukkawo, okiraba. Era oli . . . Osigazza akakisa kamu kokka, era akakisa ako kali mu Kristo, okiraba. Kati, ow'oluganda, ggwe . . . nange, lumu nja kufa. Ojja kugenda, singa Yesu anaaba tannadda. Nnina okukusisinkana emitala eri, nnyimirire mu Kaguli okusalirwa Omusango. Naye akawungeezi kano . . .

209 Omanyi, kiringa mu ttivi, ttivvi ekwata buli kimu kyonna kye tukola ka kubeere okunyeenya olugalo lwaffe, oba ekintu kyonna, byonna bikwatibwa ku lutambi. Buli kigambo kye twogera, kikwatibwa ku lutambi. Kaakati, okiraba, ekyo ttivvi ekikakasizza. Kati, ttivvi si y'ekola ekifaananyi, eragiriza bulagiriza jjengo eryo ne liyingizibwa mu ttivi. Okiraba, si y'ekikola. Ttivvi yaliwo mu kiseera Adamu we yali ku nsi, ttivvi yaliwo mu kiseera Musa bwe—bwe yasomoka Ennyanja Emmyufu, ttivvi yaliwo mu kiseera Eriya bwe yali ku Lusozi Kalumeeri, okiraba, naye kye bajje bagivumbule. Okiraba? Era kati buli wamu wonna we . . .

210 Buli kimu kyonna kye tukola, na buli ddoboozi erifuluma, byonna bikwatibwa ku lutambi lwe tulisisinkana mu kusalirwa Omusango. Buli kimu kyonna kye tukola tulina okukisangayo eri. Nnina okwanukulira ebigambo bye nkugamba, nga omuweereza. Nnina okubyanukulira, kubanga Katonda alibinvunaana.

211 Singa mbadde nsobola, nandikuwonyezza; kubanga osigazza akadde katono nnyo, bw'ataba Katonda. Kaakati, nzize ne nkusabira, kye kyokka kye mmanyi okukola. Ow'oluganda, singa wabaddewo ekintu kyonna mu nsi, kye nsobola okukolera omusajja atudde awo mu mbeera nga eyo, nnandikikoze.

212 Naye leka nkubuuze, labayo. Wa—wa—wawonyezebwa dda, kubanga Yesu yagamba wawonyezebwa. Okiraba, "Olw'emiggo

Gye twawonyezebwa.” Kati ekyo bw’oba osobola, okukitwala, okuviira ddala ku ntobo y’omutima gwo, tojja kufa kati, naye ojja kuba mulamu.

213 Kati, mukiraba, kati tukimanyi nti ttivi eyita mu kisenge kino. Ekyo tukimanyi. Tetugiraba. Tetusobola kugiraba, amaaso gaffe tegaakolebwa bwe gatyo, obusimu bwaffe tebusobola kugibaka. Kyetaagisa okubaawo ne ttyubu eyakolebwa, oba kyonna kye bakiyita, oba ekirawuli, okusobola okugibaka.

214 Bw’atyo ne Katonda waali. Tetumulaba, naye tukimanyi nti Ali wano. Yesu Kristo y’omu. Mulabeeyo, Yaakamala okweyogerako, nga bwe Yeeyoleka. Kati, ku kikwatagana n’okuwonyezebwa, singa Abadde ayimiriridde wano wennyini, Talina kya njawulo kye yandikukoleddе, mukiraba, tewali n’ekimu. Omwana wa Katonda singa abadde ayimiriridde wano wennyini, nga weewaawo Waali, Ali wano, naye Talina kirala kyonna ky’ayinza kukukolera, kubanga Yamaze dda okweyoleka wano. Mukiraba? Era Ali wano wennyini, nga y’omu yennyini, okukuwonya n’okukusumulula.

215 Kati omukyala oyo ali awo yaŋŋambye, nti, “Wasaba omukisa, n’owa obunnabbi oba ekintu bwe kityo,” nga mmulagulako, afune omwana, bwe yali atudde mu kagaali k’abalema ako. Era n’amufuna, omwana yamufuna.

216 Naye kati omukyala oyo bambi atudde wali. Kati baamulongoosa eddookooli, ne kimuviirako okusannyalala. Kaakati, ebyo tubirabye bingi nga bibaawo. Kati, bambi, mwannyinaze, nkimanyi oli Mukristaayo owa nnamaddala. Ensonga lwaki Katonda akulese otuule awo, simanyi. Nzikiriza, ob’olyawo, lwa kuba nti olina. . .Okukkiriza, oli—ogezaako okuba n’okukkiriza, okusobola okusitukawo, okiraba; naye kaakati labayo, leka tuleme kugezaako kukyekolera, leka tukifune bufunyi, okiraba, tu—tugenda kubeerayo. Kye kyokka, kigenda kutandikirawo mu kaseera kano, era tugenda kuwonyezebwa. Nammwe abali eyo mu bugaali bw’abalema obwo, kiki, manya—manya wonna w’oli, jjukira kimu kyokka nti Kristo waali.

217 Kati, oyinza okumbuuza nti, “Waliwo omuntu yenna. . .? Ekifaananyi kyange okiraba nga kirabika?” O, weewaawo.

218 N’Ebigambo bya Yesu Kristo, bye Yayogera bwe Yali wano ku nsi, biyitawo mu kisenge kino. Tebifanga. Ekyo bameka abakimanyi nti ge mazima okusinziira ku ssaayansi? Kaakati, ekyo kitegeeza ki? Kitegeeza nti Omwoyo aggyayo Ekigambo ekyo ekyawandiikibwa, n’akireetera okulabisibwa. O, ekitiibwa!

219 Ali wano. Ali wano wennyini mu kaseera kano, Mukama. Ffe tu. . .Tulabye bingi nnyo, Akoze bingi nnyo, ne tutuuka okuba nti, nga bwe mumanyi, tubyesittalako bwesittazi. Singa tusobola okukitegeera, nti si nfumo bufumo, oba enjogera ez’enjigiriza y’eddiini; wabula bukakafu bw’ekyo kye Yasuubiza

nti Alyeyoleka n'Alabisibwa mu kiseera kino, Wuuno wano nga akyoleka wano wennyini mu maaso gaffe kaakano. Nga kintu kirungi nnyo! Ekyo si kirungi nnyo?

220 Kaakati kkiriza. Onookikkiriza? Kkiriza nti togenda kufa. Ogenda kubeera mulamu, era ogenda kuwa Katonda ekitiibwa. Ogenda kuwa Katonda ekitiibwa. Wali obatiziddwa? Oli Mukristaayo, bwe kiri? Kati oli na Mukristaayo. Era, oyagala kubeerawo ku lwa kitiibwa kya Katonda. Kati genda obeere mulamu, muganda wange. Mu Linnya lya Yesu Kristo, beera mulamu!

221 Naawe, mwannyinaze, oyagala kutambula olw'ekitiibwa kya Katonda, olabirire omwana wo; kati tambula, mwannyinaze, mu Linnya lya Yesu Kristo!

222 Nammwe, buli omu ku mmwe, mukole kye kimu, mu Linnya lya Yesu Kristo! Temwerabiranga ekifo kino ekya Westward Ho Motel akawungeezi kano, Okubeerawo kwa Katonda kulabisiddwa wano. Tasosola mu bantu. Akwagaza kimu kyokka kukkiriza. Kati mumukkiriza? Amiina. Katonda abawe omukisa.

223 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe. Simanyi ani gwe baalonze, oku—okusiibula abantu. Ow'oluganda Mushegian wano, jangu wano eno, ow'oluganda. Agenda kutusiibula mu kusaba. Katonda abawe omukisa.

65-0119 Katonda Omugagga mu Kusaasira
mu Westward Ho Hotel
e Phoenix, Arizona Amerika

LUGANDA

©2026 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org